GENDA, OLANGIRIRE

. . . okujulira, ne mwannyinaffe oli emabega wali, ndowooza kinnyonnyola oluyimba olwo olugamba nti:

O, okwagala kwa Katonda, nga kwa muwendo
era kwa mazima!
Nga tekulojjeka era nga kwa maanyi nnyo!

Nga lunaku lukulu nnyo gye tuli! Leka mu bukkakkamu, nga tukotese emitwe gyaffe kaakano, oluyimba olwo tuluyimbire Mukama nga tetunnasaba. Kati, Teddy, bw'oba osobola, tuwe eddoboozi lyalwo. Era leka tuluyimbe oku . . . nga emitwe gyaffe tugikotese, nga tuzibirizza amaaso gaffe, nga tetunnasaba.

O, okwagala kwa Katonda, nga kwa muwendo
era kwa mazima!
Nga tekulojjeka era nga kwa maanyi nnyo!
Kulibeerawo emire . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

2 Ssinga bwino, ssinga amazzi gonna gafuuka bwino, nga n'obwengula bwonna bitabo eby'amaliba ag'okuwandiikako, na buli kikolo kya kimera ekiri ku nsi ne kiba ekkalaamu, nga buli muntu muwandiisi, naye era mu ebyo byonna tebandiyinzizza kunnyonnyola kwagala kwa Katonda kw'alina eri olulyo lwa Adamu olwagwa. Tukwebaza, Kitaffe, olw'Omusaayi ogwo ogw'omuwendo ogwa Mukama waffe Yesu, n'olw'amakya ago agajjukirwa ag'okuzuukira, n'olw'okwagala Kwo okw'obununuzi, Omwoyo Omutukuvu kw'atuwadde mu mitima gyaffe olwa leero. Tuleete mu kussa ekimu wamu Naye, Oyo Katonda, Omutonzi. Tuleete mu bwasseruganda, ku nsi, obutenkanikangako. Tewali kibiina kya munnomukabi, tewali kirayiro, kiyinza, yadde akatono bwe kati, okugeraageranyizibwa n'obwasseruganda obuli wakati w'abasajja n'abakazi abaazaalibwa omulundi ogw'okubiri. Era emirembe gyonna lwe lulibeera oluyimba lw'abatukuvu ne bamalayika!

3 Tukusaba olunaku lwa leero Owe omukisa byonna bye tukola nga tugezaako okwolesa, okusiima kwaffe—kwaffe mu mitima gyaffe gy'Oli, olw'ebyo by'Otukoledde. Wamu n'okumanya nti tegyali mitima gy'abayigirizwa gyokka egyasanyusibwa ku makya ago, ne Maliyamu ne Maliyamu Magudaleene, wabula naffe, abayigirizwa Bo leero, emitima gyaffe gisanyusibwa mu kaseera we tukitegeerera nti Ye si mufu, wabula mulamu. Tusaba bulijjo Asigale nga mulamu mu mitima gyaffe, ne mu makkati gaffe. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Teribaayo muntu yenna asobola kunnyonnyola kuzuukira!

4 Kati, ku makya gano ag'amazuukira, kiseera kirungi nnyo ddala bwe wabaawo ebintu ebitonotono ebikolebwa mu kkanisa kaakano, okugeza, nga bamaama okuwaayo abaana baabwe. Abaana abo kintu ekiggya, kintu ekyongeddwa ku maka gaabwe. Waliwo omukisa omupya oguzze gye bali. Era baagala, nabo mu kusiima, baguddize Katonda.

5 Kati o—obubaka obw'oku makya bwe bunaaba buwedde, tujja kubeera n'okusabira abalwadde, musobole okuzuukizibwa okuva mu ndwadde ezibaluma, muyingire mu bulamu obuggya. Ate amangu ddala nga ekyo kiwedde, eri abo abatannabatizibwa, tujja kubeera n'okuzuukira kw'abali bwe batyo; muziikibwe mu mazzi, musobole okuzuukira eri obulamu obuggya. Buli kimu kyonna enkya ya leero kikwata ku kuzuukira, kuzuukira! Emitima gyaffe gisanyusiddwa era giwewuse, nga bwe tuyimba ennyimba n'okuwuliriza obujulizi bw'abalala, obukwata ku makya gano ag'okuzuukira ag'ekitalo. Tutunula ne wabweru ne tulaba nga ne Katonda kimusanyusa, emiti giri mu kuzuukira.

6 Mu biseera ebyayita, emmanga eri mu Kentucky, Mw. Wood nange twali tuyigga bu kaamujje, ne tubaako ekifo ky'omwami omu gye twakyama. Omusajja oyo ayinza n'okuba waali wano kati, okusinziira ku kye mmanyi. Era yali amanyiddwa nti mukaafiiri. Kati Ow'oluganda Wood n'amubuuza, n'agamba nti, "Nsobola okuyiggirako bu kaamuje ku ttaka lyo?"

N'amuddamu nti, "Weewaawo, Wood, osobola okuyigga bu kaamuje. Genda oyigge."

N'agamba nti, "Naye, nzize n'omusumba wange."

7 Kko omusajja nti, "Wood, toŋŋamba nti oserebye nnyo n'otuuka okuba nti kati kikwetaagisa okutambula n'omubuulizi buli kiseera!"

8 Kale kye yava ampita a—annyanjule gy'ali. Ate yali yaŋŋambye nti omwami oyo muzibuzibu. Banne be baali baamugamba, bwe batyo, naye nga ye talabawo kintu kyonna kisobola kumuleetera kubakkiriza.

9 Ku bbali awo waaliwo omuti gwa apo kwe nnali nnoze apo. Gwali mwezi Gwamunaana. Kye nnava mbuuza omwami ono, ne ŋŋamba nti, "Omuti ogwo gulina emyaka emeka?"

10 N'aŋŋamba nti, "Guli mu myaka nga asatu," awo bwe watyo. Ye yali yagusimba.

11 Ne mmubuuza nti, "Wali olidde ku apo zaagwo kasookedde gutandika okubala?"

"Yee, ssebo."

12 Ne mmubuuza nti, "Omuti ogwo kiki ekigubaako? Bw'ogwekkaanya obulungi, kati tuli mu mwezi Gwamunaana, akasana kabadde kangi mu kiseera kino kyonna; naye kati ebikoola bigenda binogoka okuva ku muti ogwo nga bigwa,

n'amasanda gali mu kuva mu matabi, nga bwe gakka wansi mu mirandira. Singa gasigala waggulu eno okuyita mu kiseera ky'obutiti, omuti ogwo teguba gwa kulama; naye gakkirira wansi mu ttaka, okwekweka obutiti. Singa gasigala waggulu eno, guba gujja kufa, guba tegujja kuddamu kubala apo. Wabula gakkirira wansi okwekweka mu mirandira, gasobole okudda omwaka ogujja, okusobola okukubalizaayo apo okuva munda mu gwo, wamu n'okussaako ebikoola."

13 Ne mmugamba nti, "Kati, ssebo, nku—nkusaba ombuulire Magezi ki agaleetera amasanda ago okuva mu muti nga tewannabaawo mbeera yonna ya butiti, ne gakkirira wansi mu mirandira okwekweka? Singa ombuulira kiki ekikola ekyo, n'okukinnyinyonnyola n'okinnyinyonnyola, kiki ekikikola, awo nange nja kukukkiriza bw'onaansoomooza n'ogamba Katonda nti taliiyo." Ne mmugamba nti, "Ggwe teeka amazzi ku nkondo y'omuti olabe oba ganaakikola, olabe oba nga enkyukakyuka y'embeera y'obudde enaakikola. Waliwo Amagezi amasukkulumu agaddusiza amasanda ago wansi mu mirandira gy'omuti, ate oluvannyuma ne gagakomyawo nate n'obulamu obuggya. Oyo ye Katonda."

14 N'agamba nti, "Siyingirangako mu kkanisa mirundi giwera." N'agamba nti, "Naye waliwo omubuulizi eyajjako wano mu Acton, lumu, n'agamba omukazi omu, eyali abeera engulu eri ku kasozi, muganda we eyali agenze mu lukuŋŋaana lw'omubuulizi oyo ku olwo ekiro, n'amugamba nti yali asabira muganda we omulwadde wa kookolo." Era n'agamba nti, "Nze ne mukyala wange ew'omukazi oyo twagendangayo bulijjo okumuyamba." N'agamba nti, "Omukazi oyo yali bubi nnyo, nga alina kookolo w'omu lubuto, okutuusa nti mu buliri baakyusanga mukyuse na ssuuka, n'ebirala bwe bityo. Naye muganda we yakomawo n'akatambaala," n'agamba nti, "oluvannyuma lw'omusajja oyo okumubuulira byonna ebikwata ku mbeera ya muganda we na buli kimu, yamugamba nti 'akatambaala ako genda okamusseeko.'" Kati n'agamba nti, "We twogerera kati omukazi oyo yawona."

15 "Kati ekyo kiraga bulazi," ne ŋŋamba nti, "nti Amagezi ge gamu agagamba amasanda ago agali mu muti, buli mwaka, nga ogulaba, okukkirira wansi mu mirandira geekweke, ge Magezi ge gamu nange agaŋŋamba nti omukazi yali wa kuwonyezebwa muganda we bwanaamuteekako aka . . ." Ne mmugamba nti, "Ekyo si—si kya kyewuunyo nnyo kiri awo. Omubuulizi asinga ku oli obaddenga naye bulijjo nga yasimbibwa mu luggya lwo, era nga gwe muti ogwo, ogukubuulira enjiri mwaka ku mwaka."

16 Singa tutunula ne twekkaanya ebitwetooloodde, tusobola okulaba Katonda buli wamu. Ali mu buli muti, mu buli muddo. Tewali kintu kyonna kisobola kubikola okuggyako Katonda. Tusobola okukolayo ekibyefaananyiriza; naye obwo obulamu tetusobola kubukola, obwo Katonda y'abukola.

17 Kati, waliwo akaddo akatono wano akongeddwa ku maka agamu wano, era twagala abato bano tubaweeyo eri Mukama. Teddy, tulinawo wano akayimba ke tuyimba akagamba nti, *Mubayingize Munda*, osobola okugira nga okakuba nga bamaama abaagala abaana baabwe okuwongebwaayo, ne bataata b'abaana abo, bwe baleeta abato baabwe wano ku wolutaali.

18 Kati nno tulina wano ebimuli bya Paasika ebito ebiyitirivu ennyo ku wolutaali wano enkya ya leero, si bwe kiri? Bannange, bannange! Mu bano ndabamu ba Maria abato, ba Luusi, ba Lebbeeka, omuto Yakobo, Pawulo, ne Yokaana, bonna bali wano, ebimuli bya Paasika ebito eby'okuvaamu omugigi omulala.

19 Awo wennyini, wamala. Nzikiriza Ow'oluganda Beeler yandyagadde okukuba ekifaananyi kya—ky'omuto ono ayimiridde wano, ono—ono muzzukulu w'Ow'oluganda Wood, ne Mwannyinaffe Wood abali wano. N'abalala bajja n'abato baabwe kaakano. Musemberere ddala eno mu maaso, mikwano. Awo wamala. Ow'oluganda Neville.

20 Okugattibwa mu bufumbo obutukuvu kintu kikulu nnyo, kyassibwawo Katonda. Era abato bano abaagalwa mu bufumbo obutukuvu obwo mwe bava.

21 Ogenda kumbuulira erinnya lye kaakano. Brenda Sue. Ofaanana bulala nnyo, mwana ggwe, okuva lwe nnasooka okukulaba. Kati, ono ye muto Brenda Sue Wood, era mazima ddala kya bugagga eky'omuwendo ekitonotono eri emitima gyaffe ffenna, n'okusingira ddala eri maama ono ne taata abakyali abavubuka.

22 Kati mu biro bya Bayibuli, leero abantu bangi bamansira abato bano amazzi, naye ffe tufuba nnyo nga bwe tusobola okugezaako okugoberera nga bwe kyakolebwanga mu Bayibuli, tetulina we twali tulabye nga babamansira amazzi, mu Bayibuli, wabula baabaleetanga buleesi eri Mukama waffe Yesu n'Abawa omukisa. Kale naffe nga abaweereza Be, tubakwata ne tubayimusa gy'Ali.

23 Nzikiriza omanyi essanyu jjajja w'omwana ono omusajja ly'alina, nga bw'omanyi. Kale muleke tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera.

24 Mukama Yesu, Omwana wa Katonda, eyaweebwaayo olw'okusobya kwaffe. Era kya muwendo nnyo okulaba abaana abato nga baleetebwa gy'Oli, nga tujjukira ebyaliwo emyaka mingi nnyo emabega, bamaama ne bataata bwe baaleeta abaana baabwe abato gy'Oli. Tusitudde mu maaso Go, olwa leero, mu mikono egy'okukkiriza, omuto Brenda Sue Wood, aweerezeddwa mu maka ga Muganda waffe David ne mukyala we omwagalwa. Ayi Kitaffe Katonda, omwana ono muwe omukisa.

25 Booleka okukkiriza kwabwe kwe balina mu Ggwe, nga bwe bawaayo omwana avudde mu kugattibwa kwabwe awamu.

Era tukusaba Obawe omukisa. Era leka emitima gyabwe gibugumizibwe Omwoyo Omutukuvu, okutambulira mu bulamu obw'okutya Katonda, obulamu obulongoofu, omwana ono asobole okukuzibwa mu maka ag'Abakristaayo, akuzibwe mu kubuulirirwa okw'okutya Katonda, era awangaalire, mu bulamu obw'essanyu wano ku nsi, era akuweereze ennaku zonna ez'obulamu bwe. N'eri mu Kitiibwa, famire gye zirikuŋŋaanira awamu, nsaba omuto Brenda Sue ne taata we ne maama we, wamu n'abantu baabwe bonna, bakuŋŋaanire wamu okwetooloola entebe ya Katonda, nga banunuliddwa olw'ekisa kya Kristo, nga tumuyimusa okumuwaayo eri Oyo kaakano.

26 Mwannyinaze omuto, kaakano nkuwaayo eri Mukama waffe Yesu Kristo, ku lw'obulamu obw'okumuweereza, mu Linnya lya Yesu Kristo, Omwana wa Katonda. Amiina.

27 Katonda abawe omukisa, Marilyn, ne David, mbaagaliza essanyu lingi wamu n'obuwanguzi. Nsaba omuto abeerewo ku lw'Obwakabaka bwa Katonda.

28 Kati, wano waliwo omulenzi alabika obulungi ddala, yenna ajjudde akamwenyumwenyu. Y'ani erinnya lye? [Maama w'omwana ayanukula. Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

Sharon Rose. . . [Maama w'omwana agamba nti, "Sharon Daulton."—Omuk.] Daulton. Daulton. Ono ye mwana w'Ow'oluganda Ed? Ndowooza, kati, emyaka nga amakumi abiri mu ebiri egiyise, Katonda lwe yanzijako omuto Sharon Rose, ali mu Ggulu, leero. Naye kaakano, ndi wano nga gwe mpaayo gy'Ali, ye omuto Sharon Rose Daulton. Ow'oluganda Ed ne Mwannyinaffe Daulton ono wano, tubamanyi, nga mikwano gyaffe egy'omuwendo. Ddala nga mwana alabika obulungi!

Kitaffe ow'omu Ggulu, tuleeta gy'Oli omuto ono Sharon Rose. Nga tujjukira Mukama waffe Yesu omukulu, Eyayimirira ku nsi, ne bamuleetera obuwala obuto nga kano, nsabira omwana ono, ayi Mukama. Nsaba awangaale era abeere wa maanyi era nga mulamu bulungi. Nsaba abeerewo ku lw'ekitiibwa kya Katonda. Kitaawe ne nnyina bawe omukisa. Nsaba akuzibwe mu kubuulirirwa okw'okutya Katonda. Bazadde be booleka okukkiriza kwabwe kwe balina mu Ggwe nga bawaayo omwana waabwe gy'Oli. Kaakano tuwaayo gy'Oli, omuto Sharon Rose Daulton, nga tukusaba Owe obulamu bwe omukisa, ayi Mukama. Okuva mu mikono gya kitaawe ne nnyina, mmuwaayo eri Ggwe, Mukama wange era Omulokozi wange, Yesu Kristo, ku lw'ekitiibwa Kye. Amiina.

Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze, naawe, ow'oluganda.

O, bambi! Akalenzi akato, akalwadde. Buzibu ki bw'alina? [Maama w'omwana addamu nti, "Omutwe gwe gweyongera kuzimba." Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . . ekintu eky'enjawulo. Mmukkiriza.

Ayi Mukama, Katonda, nnyimusa gy'Oli omuto Mason. Nkusaba, Mukama wange Yesu, Otwale omwana ono gwe nkutte wano mu mikono gyange, okumuwaayo gy'Oli. Nkolimira okunyigirizibwa kuno okumuliko. Mu Linnya lya Yesu Kristo, nsaba omuto Mason ateekebwe mu mikono Gyo, ayi Mukama, era okunyigirizibwa okwo kumwamuke. Nsaba omwana ono abeerewo ku lw'ekitiibwa n'ettendo lya Katonda. Bazadde be boolesezza okukkiriza kwabwe okuyita mu kumuleeta. Nkusaba Owonye omwana ono era abeere bulungi. Nsaba abeerewo ku lw'ekitiibwa kya Katonda, okukuweereza. Ayi Mukama Katonda, mpaayo gy'Oli omuto ono Mason, mu Linnya lya Yesu Kristo, ku lw'obulamu bwe n'olw'okuwonyezebwa kwe. Amiina.

[Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Kkiriza bukkiriza n'omutima gwo gwonna.

O, mulina n'omuwala, omuto? Kale, ekyo kirungi. Linnya waggulu eno, muwala. Yimirira wano eno. Erinnya lyo ye ggwe. . .? [Taata w'omwana addamu nti, "Sumner."—Omuk.] Sumner. Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Sumner. Nzikiriza muva mu Georgia, si bwe kiri? Mbadde nzijukira nga eyabasabirako. Waaliyo abantu bangi nnyo emmanga eyo. Bano be ba. . .["Latrelle."] Latrelle. ["Dwight."] Dwight. ["David."] Ne David. Amannya gaabwe mugawulidde. Nsaba Katonda amannya gaabwe agawandiike mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga.

Kitaffe ow'omu Ggulu, tuleeta abaagalwa bano abato gy'Oli enkya ya leero, nga bwe nteeka omukono gwange ku bututtwa buno obuli mu mitwe gyabwe, n'obuviiri obuto obugonvu obw'abalenzi bano. Ayi Mukama, bawe omukisa. Bazadde baabwe boolesezza okwagala kwabwe n'okukkiriza kwabwe kwe balina mu Ggwe okuyita mu kuwaayo abaana baabwe. Era tubawaayo gy'Oli, ayi Mukama, nga bwe baggyiddwa mu mikono gy'abazadde baabwe, ne baleetebwa okuyimirira wano ku wolutaali eno enkya ya leero, okuwongayo obulamu eri Katonda. Bawe omukisa, Kitaffe. Tukusaba Obawe okubeera abalamu mu bulamu obw'essanyu, ennaku zonna ez'obulamu bwabwe, n'Obulamu Obutaggwaawo mu nsi ejja. Tusaba bakuzibwe mu kubuulirirwa okutya Katonda, mu maka ag'Abakristaayo.

Kaakano, olw'omulimu gwa Yesu Kristo, gwe yawa nga eky'okulabirako eri abaweereza Be, okukola nga bwe Yakola, mbawaayo gy'Oli, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

[Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

Okuva emmanga eri mu ssaza ery'akasana ery'e Georgia, omwana ono gy'avudde n'aleetebwa wano kitaawe ne nnyina abaagalwa, okumuwaayo gy'Oli ku makya gano ag'ekijjukizo. Omwana ono kirabo eky'ekisa Kyo mu maka gaabwe. Nkusaba omuto Renee Omuwe omukisa, wamu ne maama we ne taata we. Era balaga okukkiriza kwabwe kwe balina mu Ggwe, nga

baleeta omwana ono, nga baagala emikisa Gyo gimubeereko. Era nsaba abeere mulamu, era abeere Omukristaayo omunywevu, era omusanyufu, ennaku zonna ez'obulamu bwe; afune n'Obulamu Obutaggwaawo mu nnaku ezigenda okujja, mu nsi egenda okujja. Kituwe, ayi Kitaffe. Nga bwe Wasitula abato nga bano abaagalwa, nga abaana bano enkya ya leero, mu mikono Gyo, n'ab'amaka mwe bava balaze okukkiriza kwabwe kwe balina mu Ggwe, nga babaleeta eri abaweereza Bo. Naffe omuto Renee tumuwa omukisa era tumuwaayo gy'Oli; okuva mu mikono gy'abazadde be, nga tumuwaayo gy'Oli. Mu Linnya lya Yesu Kristo, tusaba Omuwe omukisa. Amiina.

Akuwe omukisa, ow'oluganda. Katonda akuwe omukisa, Renee.

Ka tuyimbeyo ekitundu kimu kyokka eky'oluyimba olwo.

Mubayingize munda, mubayingize munda,
Mubayingize munda mubajjeyo mu nsi y'ekibi;
Mubayingize munda, mubayingize munda,
Muleete abato abo eri Yesu.

29 O, nga nnandyagadde okuyimirira mu lunyiriri ne mbaako ne kye njogera ku buli omu ku bato abo, naye ebintu byange mbikola kasoobo, nnyo, nga ate abantu bayimiridde. Ow'oluganda Wood yaŋŋambye enkya ya leero, yagambye nti omugongo gumuluma okukamala, olw'okuyimirira. Temumanyi butya bwe mbasiima olw'okuyimirira ne mulinda! Kale obubaka ŋŋenda kubuyisa mu bwangu ddala nga bwe kisoboka. Nammwe mbasaba muwulirize n'obwegendereza.

30 Ssaafunye budde kutegeka lukuŋŋaana lwa makya ga leero, manya bubaka buno obw'enkya ya leero, nnabadde n'akaseera katono. Kale nnafunyeeyo eky'okuyigirizaako nga kintu ekyawukana ku bya bulijjo.

31 Kati Paasika eyaggwa nnabuulira ku ky'okuyigako kye twawa omutwe ogugamba nti: "*Bwe Yali omulamu*, Yanjagala. *Bwe Yafa*, n'Andokola. *Bwe Yaziikibwa*, ne Yeetikka ebibi byange n'abitwalira ddala wala. *Bwe Yazuukira*, n'Anzigyirako ddala omusango emirembe gyonna. Lumu *Alijja*, o, nga luliba lunaku lwa kitiibwa!"

Ate ku makya ga leero tubuulidde ku mutwe ogugamba nti: *Mmanyi*.

32 Kati mu kaseera kano, Mukama nga ayagadde, njagala nsome okuva mu ssuula ey'enjiri y'Omutukuvu Makko. Era kati musabe nange.

33 Ate amangu ddala nga luno olukuŋŋaana luwedde wajja kubaawo olukuŋŋaana olw'okusabira abalwadde. Ate olukuŋŋaana olw'okusabira abalwadde bwe lunaggwa wabeewo okubatiza. Ate enkuŋŋaana ez'akawungeezi zo zitandike ku ssaawa emu n'ekitundu.

34 Kati Makko 16:

Awo ssabbiiti bwe yaggwaako, Malyamu Magudaleene, . . . Malyamu nnyina Yesu, *ne Saalome baali* baleese *eby'akaloosa, bajje bamusiige.*

. . . bwe bwakya enkya ku lunaku olusooka mu wiiki, enjuba bwe yali yaakavaayo ne bajja ku ntaana.

Awo baali beebuuzaganya bokka nti, Ani anaatuyiringisiza ejjinja okuliggya ku mulyango gw'entaana?

Awo bwe baatunuulira, ne balaba ejjinja nga liyiringisibbwa ku bbali: kubanga lyali ddene nnyo.

Awo bwe baayingira mu ntaana, ne balaba omulenzi ng'atudde ku luuyi olwa ddyo, ng'ayambadde olugoye olutukuvu; ne bawuniikirira.

Ne babagamba . . . *N'abagamba nti Temuwuniikirira: Munoonya Yesu, Omunazaaleesi, eyakomererwa: azuukidde; tali wano: laba, ekifo we baamussa.*

Naye mugende, mubuulire abayigirizwa be ne Peetero nti abakulembedde okugenda e Ggaliraaya: eyo gye mulimulabira, nga bwe yabagamba.

Ne bava mangu ku ntaana, ne badduka; kubanga okukankana n'okusamaalirira byali bibakutte: so ne batabuulirako muntu kigambo; kubanga baatya.

Awo Yesu bwe yamala okuzuukira mu makya ku lunaku olw'olubereberye ku nnaku omusanvu, n'asooka okulabikira Malyamu Magudaleene, gwe yagobako dayimooni omusanvu.

Oyo n'agenda n'abuulira abaayitanga naye, nga bwe . . . kuba *baanakuwala nga bakaaba.*

35 Mulaba, nabo, baali ku ntuumu ya vvu.

Awo bo, bwe baawulira nga mulamu, ng'alabiddwa ye, ne batakkiriza.

36 Nga Ebigambo bya Katonda byewuunyisa!

Ebyo bwe byaggwa n'alabikira eri . . . *bannaabwe babiri mu kifaananyi kirala, nga batambula nga bagenda mu kyalo.*

Awo bwe . . . ne *bagenda ne babuulira bali abalala: so ne batabakkiriza.*

Oluvannyuma n'alabikira ekkumi n'omu nga batudde ku mmere, n'abanenya n'obu- . . . *olwa— olw'obutakkiriza n'obukakanyavu bw'emitima gyabwe, kubanga tebakkiriza bali abaamulaba ng'amaze okuzuukira.*

N'abagamba nti, Mugende mu nsi zonna, . . . mubuulire enjiri eri ebitonde byonna.

Akkiriza n'abatizibwa, alirokoka; . . . naye atakkiriza omusango gulimusinga.

Era obubonero buno bunaagendanga n'abo abakkiriza; Banaagobanga emizimu mu linnya lyange; banaayogeranga ennimi empya;

Banaakwatanga ku misota; . . . bwe banaanywanga ekintu ekitta, tekiibakolenga kabi n'akatono; banassangako emikono abalwadde, . . . nabo banaawonanga.

Awo Mukama waffe bwe yamala okwogera nabo, n'atwalibwa mu ggulu, n'atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda.

Bali ne bafuluma, ne babuulira wonna wonna, Mukama waffe ng'akoleranga wamu nabo, era ng'anyweza ekigambo mu bubonero obwakiddiriranga. Amiina.

37 Omutwe gw'eky'okuyigirizaako njagala ngujje mu bigambo bibiri: *Genda, Olangirire*.

38 Omanyi, tekirina makulu ge kikola okugenda nga tolina kya kwogera. Ndowooza ogwo gwe gubadde omutawaana ogw'amaanyi ensangi zino. Ekitutwala kuba kulangirira, naye tugenda nga tetulina kya kwogera, nga tetulina kye tulina kigenda kubaako gwe kiyamba, nga tetulina kintu kyonna kinaayamba bantu.

39 Naye ssinga tugoberera ebiragiro nga abayigirizwa bano abaawebwa omulimu, naffe tulina omulimu gwe gumu, "Mugende, mubuulire abayigirizwa Bange nti Nzuukidde okuva mu bafu." Mugende, mukirangirire wonna!

40 Bw'Ava awo n'agamba nti, "Mugende, mukibuulire, mwolese n'obubonero buno obukakasa nti Ndi mulamu sikyali mu bafu." Nga bubaka bukulu! "Mugende, mutegeeze, era mugende, mulage abayigirizwa Bange ebintu bino bye mulabye, ebikakasa nti Siri mufu, wabula nzuukidde okuva mu bafu."

41 Mu Bubaka obwabuuliddwa ku makya ga leero, twakirabye nti buli omu ku ffe alina entuumu y'evvu ey'ebizibu n'okugezesebwa oluusi, gye tutuulako, nga tulindirira okubudaabudibwa. Twalabye nti omukadde omukulu Yobu yafuna okwolesebwa, kubanga mu kiseera ekyo Paasika yali tennabaawo, naye yalengera mu maaso emyaka enkumi nnya n'alaba amakya ga leero. Yalengera mu maaso emyaka enkumi nnya, n'alengera Paasika, n'ayogerera waggulu, mu nnaku gye yalimu nti, "Mmanyi nga Omununuzi wange mulamu! Mu nnaku ez'oluvannyuma, Aliyimirira ku nsi. Envunyu z'omu mubiri

newankubadde nga zirizikiriza omubiri guno, naye era mu mubiri gwange mwe ndirabira Katonda."

42 Kati, Paasika nga emaze okubaawo, tukizuula nti Katonda yawa omuntu omulimu nti, "Genda, olangirire! Era bw'onaalangirira, *bino* binaakugoberera. Genda olangirire!"

43 Kati, tekikola makulu, nga bwe ŋŋambye, okugenda, okugenda, okuggyako nga olina eky'okwogera. Ate bw'oba nga obubaka bw'olina obw'okulangirira bukyamu, era tebujja kubaako kalungi konna ke bukola. Olina kulangirira ekyo ekibadde kitamanyiddwa.

44 Emabegako awo nnalina akatabo ke nnali nsoma, akaali kakwata ku mulenzi omuto eyali. . . eyeetaba mu mpaka ezimu. Era nga mu mpaka zino yali wa kwekolera erinnya ery'ettutumu. Baali baagala omulenzi yenna asobola okukuuma paasiwaadi mu bwongo bwe okutuusa lw'abaako ekifo w'atuuka, n'ayogera paasiwaadi eno, omukuumi w'omulyango alyoke amukkirize okuyingira. Ekyo ky'ekyali ekigezo ekiraga ekipimo ky'entegeera y'obwongo bw'omwana oyo. Era bwe yatuukanga mu kifo ekyo, n'ayogera paasiwaadi ezo ezaabanga zimuweereddwa, omulyango ggwaggulwangawo era n'awangula ekitiibwa eky'amaanyi.

45 Waaliwo omulenzi omu, nga ye mu kuwenyuka emisinde tawunyikamu, era nga akimanyi bulungi nti abalenzi abasigadde bonna be yali avuganya nabo yali asobola okubasinga, oba yeerowooza okuba nti asobola. Yeegezangamu buli lunaku, nga bw'adduka emisinde. N'awaga amawuggwe ge, n'awewula omubiri, aleme okukoowa bw'anadduka. Ne yeemanyiiza bw'alina okusinziira n'ebigere bye ng'asimbula, asobole okukulemberamu balenzi banne. N'engeri gy'alina okussa omukka mu kiseera ky'anaamala nga adduka, okusobola okwekuumiramu omukka ogw'okussa gw'aba ayingizza mu mubiri gwe, asobole okusigala nga akyassa bulungi, omutima gwe guleme kunafuwa nnyo nga adduka. Ensonga eyo ey'engeri gy'anaddukamu yagyekkenneenya mu buli ngeri yonna esoboka.

46 Kati ku makya embiro lwe zaali zisimbulwa, waaliwo abalenzi abato abasukka mu kikumi mu ataano abajja okwetaba mu misinde, nga bagwa mu myaka gye gimu. Omulenzi ono omuto ye omubiri gwe gwali mugimu, okusinziira ku myaka gye. Era nga ajjukira bulungi okwetendeka kwonna kwe yajja akola. Bw'atyo ne yeetegeka. Ne basembera ku musittale, amaaso ne bagasimba a—akaguwa ke baali babasibiddewo, ne basembezza obuyindo bwabwe ku kaguwa. Amateeka agafuga ebyo byonna yali yagasoma bulungi n'agategeera, bwe yali yeeteekateeka.

47 Kale bwe baakuba essasi eribasimbula, akaguwa ne kakutulwa, abalenzi ne basimbula. Bw'atyo omulenzi ono engeri omubiri gwe gye gwali omulamu obulungi era nga gwamanyiizibwa yakuba oluta bonna n'abadda mu maaso.

N'awenyuka emisinde emiyitirivu, kuba yali atendekeddwa bulungi, nga mu balenzi bonna be yali avuganya nabo tewali amuwunyamu. Era we yatuukira awawakanirwa, ha, ndowooza waayitawo eddakiika nga emu oba n'okusingawo, amuddirira asingayo okudduka mu baddusi banne naye n'alyoka atuuka.

48 Naye, yadde nga yali yeetendese bulungi nnyo, eby'embi paasiwaadi yatuuka agyerabidde. Yali yeerabidde ekintu ekikulu kye yalina okwogera, basobole okumukkiriza okuyingira mu mulyango. Ne yeetala n'adda eno n'eri, nga bw'agezaako okugijjukira, n'atakula omutwe. Yassa nnyo essira ku by'omubiri, ku kuteekateka omubiri gwe, n'atuuka okwerabira ensonga esinga obukulu. Akadde ne kayita, abamu ku balenzi abataawenyuka nnyo, bo paasiwaadi baali bakyagijjukira, bwe batyo ne bayingira munda.

49 Bwe kityo bwe kiri n'olwa leero! Tussa nnyo essira ku by'okuzimba amatiribona g'amasinzizo, n'amakanisa n'ebizimbe, n'ebintu eby'enjawulo, n'okufaayo ennyo okulaba nga amakanisa gaffe gonna gatemagana, nga gali mu bizimbe ebirabika obulungi ennyo omuli n'entebe ezinyirira ez'omutindo n'ennanga ennungi. Nga ababuulizi baffe batendeke bulungi baatendekebwa mu. . .Balina ddiguli z'obwa Dokita DL., Ph.D., LL.D. zonna, naye ne twerabira ekigendererwa ekikulu lwaki tudduka. Ogwo gwe mutawaana. "Mugende, mubuulire abayigirizwa Bange nti Nzuukidde okuva mu bafu era Nja kubasisinkana e Galiraaya." Ekigambo eky'ensonga twakyerabira. Twemalidde nnyo mu bintu ebirala, okuzimba amakanisa amanene, okuzimba ebibiina by'eddiini ebinene, okutuusa lwe twerabidde ekigambo eky'ensonga.

50 Obulamu bw'abantu bangi butaasiddwa olw'okwetegekera ebiba bigenda okutuukawo. Mu biseera ebyayita, bannyumiza nti mu Florida, omusajja omusomi w'amawulire, ab'ekitongole ky'embeera y'obudde, baaweereza amawulire nti waaliwo omuyaga ogw'amaanyi ogwali gujja. Ne wabaawo omusajja omu eyali omulunzi w'enkoko, eyagenda eri muliraanwa we n'amutegeeza nti omuyaga gujja. Oli n'ateefiirayo, n'amugamba kimu nti, "Ebyo bya kisiru!" N'agenda mu maaso na kwekolera mirimu gye. N'enkoko ze teyaziggyaayo. Teyayingira na mu mpuku. Teyakola nteekateeka zonna za kwerinda muyaga. Naye ye muliraanwa we n'abaako enteekateeka ze yakola okugwerinda. Naye buli kimu eky'oyo, ataatwala kulabulwa, enkoko ze zonna omuyaga gwazikuba ne zifa, ennyumba ye n'eyabuluzibwamu n'esuulibwa ku ttaka, n'afiirwa bye yali alunda, n'atwalibwa ne mu ddwaliro. Nga byonna byava ku buteefiirayo kuwuliriza kulabulwa! Obubaka bwe bwayisibwa yabumanya, wabula n'ateefiirayo kussaayo mwoyo kuwuliriza bubaka kye bugamba.

51 Ky'ekintu ky'ekimu leero, ekituuse ku bantu baffe abasinga obungi, ne ku makanisa gaffe agasinga obungi. Tukimanyi

nti Bayibuli eyigiriza nti Yesu Kristo abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Tukimanyi nti Bayibuli eyigiriza, Yesu yagamba, mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 14:12 nti, "Oyo akkiriza Nze, newankubadde, emirimu gye Nkola naye aligikola; alikola emirimu egisinga ne ku gino, kubanga ŋŋenda eri Kitange." Naye essira tulitadde ku bintu birala, ne tutaliteeka ku kutwala kulabulwa, ne tutaliteeka ku kussaayo mwoyo kuwuliriza. Tusimbudde ne tugenda, naye nga tetufuddeeyo ku Bubaka. Tugenze, naye nga tetumanyi kya kwogera bwe tunaaba tutuuseeyo.

52 Ennaku ntono gye buvuddeko amakanisa g'ensi eno, amakanisa g'Abakristaayo gaaletebwako ekivume n'okuswazibwa, omuweereza ow'ekitiibwa era amanyiddwa ennyo atya Katonda, Billy Graham, bwe yateekebwa ku nninga okukakasa ebiri mu Bayibuli. Okudduka yali adduse, wabula Obubaka yali abwerabidde mabega; omusajja oyo ow'eddiini ya Muhammadi bwe yamusoomooza n'amugamba nti, "Bwe kiba nga ddala kino kye Kigambo kya Katonda, leka tukulabe nga olaga amaanyi gaakyo." Okudduka yali adduse bulungi, nga akuba enkuŋŋaana ennene, n'ebintu ebirala ebikulu. Naye, bwe kyatuuka awo, teyalina Bubaka.

53 "Nzuukidde okuva mu bafu. Nze omu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Mu bintu ebikwatikako badduse bulungi, balina amakanisa amalungi, balina bammemba bangi, balina ebibiina by'amadiini ebinene, naye ebyo si y'ensonga enkulu. Mwekkaanye ekyagoberera okutumibwa, "N'obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza." Baagenda, naye nga tebamanyi kya kulangirira.

54 Katonda tatumangako muntu nga tamuwadde kya kwogera. Katonda bulijjo akakasa Ebigambo Bye.

55 Osobola okugenda, naye nga tolina kya kwogera nga otuuseeyo. K'obeere n'enkuŋŋaana ennene okwenkana wa, k'obeere n'ekkanisa ennene okwenkana wa, oba ekibiina ky'eddiini ekibuutikira endala zonna, naye bw'oba tolina kya kubabuulira, oba olina kiki okuggyako ekibinja obubinja eky'abantu abakuŋŋaanye awamu nga ekibiina kya munnomukabi?

56 Tulina Obubaka obw'okulangirira eri ensi obugamba nti, "Yesu mulamu! Si mufu!" Nga tussaayo omwoyo ku Bubaka!

57 Mu ggwanga lino ery'amaanyi leero eritwesiimisa, erya Amerika, mu mivuyo gyalyo gyonna gye lirimu, mu bugwagwa bwalyo bwonna, mu byonna bye litakola nga bwe lisaanye kukola, era lisigadde ly'eggwanga erikyasinze okuba ery'amaanyi mu nsi yonna, nga ekyo kyava ku kuba nti bwe lyali litandikibwawo, lyazimbibwa ku musingi omutuufu. Naye teritambudde na Bubaka obwo kwe lyazimbibwa.

58 Emyaka mingi egyayita, bwe lyali lyakatandikibwawo, waliwo emboozi enzigidde mu birowoozo byange, nti Abangereza baayagala okwezza amasaza agakola eggwanga lino. Naye waaliwo ekibinja ky'abasajja abaali beekuŋŋaanyizza awamu ku mulimu ogwali gubaweereddwa, nga bali bulindaala. Nga waliwo n'embalaasi eyabanga esibiddwa awo, n'omugoba waayo eyabanga yeetegese okugyebagala eddakiika yonna. Nga alinda kimu kyokka kubagulizibwako nti Abangereza bajja, mangu ddala yeebagalirewo embalaasi ye. Naye yandiganyuddwaamu ki mu kuvuga embalaasi ye akafubutuko? Yandiganyuddwaamu ki, okukuba embalaasi eyo nga agezaako okutolontoka olugendo olwo lwonna okuva ku kkanisa eyo okutuuka mu Boston? Yandiganyuddwaamu ki singa yabanga talina Bubaka bwa kutegeeza bantu? Banditegedde batya engeri y'okweteekateekamu?

59 Weewaawo ba Pawulo Revere ab'omulembe gwaffe guno badduse bulungi, naye, badduka buddusi, tebalina Bubaka bwonna. Essaawa etuuse, akatyabaga kengeredde! Ensi eri ku nkomerero! Amakanisa gatuuse ku ntikko yaago. Amawanga gatuuse ku ntikko yaago. Obulamu bw'abantu butuuse ku ntikko yaabwo. Ebya ssaayansi bituuse ku ntikko yabyo. Tugunjizzaawo ebibiina eby'obuntu ne tukola amakanisa amanene, ababuulizi baffe ne tubawawula ne tubabangula bulungi mu by'omubiri, ne baba nti bamanyi bulungi bwe balina okukozesa ebigambo eby'ebikolwa ne nnakongezakikolwa, n'amaloboozi g'ennyukuta ne—n'ennyukuta enjatuza, n'ebirala byonna mu ntegeera ey'enkola y'obwongo bw'omuntu, okusobola okwogerezaganya n'abantu. Naye ekyo Yesu si kye yagamba!

60 "Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu. Banaayogeranga mu nnimi empya. Singa balumwa omusota ogw'obusagwa, teguubakole kabi konna. Bwe banaateekanga emikono gyabwe ku balwadde, banaawonanga." Ensi yeetaaga mubaka alina Obubaka, okubaako ne ky'alangirira gye bali, era nga amanyi wa Obubaka gye buva na w'Ani gye Buvudde.

61 Pawulo Revere, yeebagala embalaasi ye, omusajja omuzira, omusajja alisigala nga akyajjukirwa mu byafaayo ebbanga lyonna eggwanga lye lirimala. Yavuga olugendo olwo olukulu okuva ku madaala g'ekkanisa, nga alina obubaka obw'okulabula eri buli omu, okuva ku mwavu lunkupe okutuuka ku mugagga ffugge, okuva ku mulimi okutuuka ku musuubuzi nga abagamba nti, "Abangereza bajja!" Abajaasi b'eggye eryabanga obulindaala ne beeteekateeka okulumba. Bwe lityo eggwanga lino ery'amaanyi ne litaasibwa.

62 N'obusika bwa Katonda buno, abantu bano Katonda be yafiirira, Ekkanisa eno eyatuumibwa Erinnya Lye, bw'eriba ey'okulokolebwa, tulina okuba n'omubaka alina Obubaka okuva ku Ntebe ey'obwakabaka, okusobola okweŋŋanga ebisoomooza

by'omulembe guno. Weewaawo Goliyaasi w'ali, naye mazima ddala Katonda ajja kubaako ne Dawudi awantu awamu. Tulina okusisinkana omuntu gwe tukwatagana naye. Tulina okuba ne. . . Tulina okuba n'Obubaka.

63 Okugenda tugenda, naye tugenda tetulina kya kwogera. Kino kikakasibwa, bwe tutuuka mu mbeera nga eggwanga manya abantu abagaana Yesu Kristo okuba Omwana wa Katonda, we bayimirira ne basoomooza abaweereza baffe ab'amaanyi be tulina leero. Bwe tuva awo ne tusanga nga mu mukago gwaffe ogw'ekitalo ogw'amakanisa, mulimu abawagira Obwannaakalyak'ani abawera amakumi asatu ababadde n'empapula z'obwa mmemba mu bwo okumala emyaka amakumi abiri oba asatu, eziraga nti balina obwa mmemba mu kibiina ky'Obwannaakalyak'ani, nga bali mu makanisa ageegattira awamu. Tuyinza kukola ki? Kiraga nti badduka ne bagenda nga tebalina Bubaka; nga batunda obusika bw'eggwanga lino, nga batunda obusika bw'Ekkanisa obwagiweebwa.

64 Byonna bituuse mu kaseera ak'okwolekanya obwanga. Kituuse mu mbeera nga Ekkanisa entono ey'abakkiriza Obubaka, ne bayimirira ku magulu gaabwe gombi, amaaso gaabwe ne bageekaliriza Omusaalaba, nga kati mu mitima gyabwe okuzuukira kwa Yesu Kristo, kubugujja! Kituuse mu mbeera amawanga we galina okugitegeera nti w'Eri. Kiseera kya kwolekanya bwanga. Ky'ova olaba amakanisa. . . Mu kiseera kino Akakiiko akagatta Amakanisa, kasenseddwa nnyo Obwannakalyak'ani, ky'ova olaba tebasobola kukkiririza mu maanyi gasukkuluma ku ga buntu. Ky'ova olaba tebasobola kukkiririza mu kuwonyezebwa okw'Obwakatonda; tebalina Bubaka bwonna mu mitima gyabwe, ne bwe bafubutuka batya.

65 Omwoyo Omutukuvu ssinga ajja mu mutima gw'omuntu, omuntu oyo ajja kukkiriza nti Yesu Kristo yazuukira okuva mu bafu, era Mulamu ali mu ye, okukola, n'okukola ebyo by'Aba azze okukola; by'ayagala, Katonda by'ayagala bikolebwe okuyita mu bulamu bw'omuntu oyo.

66 Naye, obuzibu, tudduka, tugenda nga tetulina Bubaka. Tugenda na njigiriza za ddiini. Tubaako entaputa y'Ebyawandiikibwa ey'ekkanisa emu gye tugenda nayo.

67 Tulina kugenda na kuzuukira! "Mugende, mubuulire abayigirizwa Bange nti ŋŋenda kubaako ekibiina ky'ekkanisa ekipya kye ntandikawo"? Nedda, ssebo! "Mugende, mubuulire abayigirizwa Bange nti Nzuukidde okuva mu bafu, nga bwe Nnagamba." Obwo bwe Bubaka eri Ekkanisa enkya ya leero, nti Yesu si mufu. Mulamu, mukulu era wa maanyi leero nga bwe yali Abadde.

68 Tufunye obubaka bungi nnyo obutulabula, tweteeketeeke, Pawulo Revere n'abasajja abalala ab'amaanyi, entalo ez'amaanyi n'emiyaga, n'ebintu ebirala.

69 Oluvannyuma lw'ebyo byonna, Katonda, naye n'aweereza Obubaka obw'okubudaabuda. Buno bwali Bubaka bwa kubudaabuda.

70 Mu biseera biri ebyayita, lwe waaliwo obuddu mu Bukiikaddyo, abantu bannansangwa abayitibwa ba Boers baaleetebwa okuva mu South Africa, olwa leero, be tuyita, "abaddugavu." Ne babaleeta wano ne babaguza Abamerika b'omu Bukiikaddyo, okubafuula abaddu.

71 Leero waliwo okwegugunga okw'amaanyi mu Afirika, n'ettemu, n'ebiringa ebyo, ebigenda mu maaso. Balwanirira ddembe lyabwe. Balina ebbeetu okulirwanirira. Katonda yatonda omuntu; wabula omuntu ye n'afuula banne abaddu. Tekyalina kuba kityo.

72 Emyaka mitono egiyise, nnaliko mu kisaawe ekinene, mannyanga ekkaddiyizo eddene, manya. Nnali ntambulatambula, ŋŋenda ntunuulira ebifaananyi n'ebintu eby'enjawulo, kubanga ebifaananyi ebisiige binnyumira nnyo okulaba. Ndowooza nti Katonda yeeyoleseza mu bifaananyi eby'amakulu amakusike. Ne nsembera, ne mbaako omusajja omukadde Omuddugavu gwe nnengera, nga mukadde nnyo, nga akootakoota, nga mu mutwe yasigazaamu mukugiro gwa buviiri obutonotono obwetooloodde enkoto. Nga ayambadde enkoofiira. Nga bw'agenda atambulatambula, *bw'atyo*, nga bwe yeetegereza, nga alinga atunuulira manya alina ky'anoonya mu kkaddiyizo. Ne nsooka nnyimirira ne mmwekkaanya okumala akaseera.

73 Nga wayiseewo akaseera alina akabookisi akatono ke yatuukako. N'akatunulamu, ne yeewuunya, n'ajjula akamwenyumwenyu. N'asooka addamu emabega okuva akabookisi we kaali, n'aggyako enkuufiira ye, n'agikwata mu ngalo. Nga mmwetegereza. Bambi nnamukadde ono omuddugavu bwe yakoteka omutwe gwe, n'atandika okuyungula amaziga. Ne mmwetegereza n'okusamaalirira, okumala akaseera.

74 Olwagira ne ŋŋamba nti, "Leka ŋŋende ndabe kiki ekikyamudde nnamukadde ono." Ne nneekoloobya ne nzira ku ludda *luno* olulala, ŋŋenda okulaba nga nninga alaba olugoye munda mu kabookisi.

75 Ne mmutunuulira nga ayimiridde awo. Ne nsembera w'ali, ne mmubuuza nti, "Ogamba otya, ssebo?"

N'anziramu nti, "Ogamba otya, ssebo."

76 Ne mmugamba nti, “Nze ndi muweereza. Naye nneewuunyizza okukulaba nga osaba mu kifo nga kino.” Ne mmugamba nti, “Nzikiriza oli Mukristaayo.”

N’aŋŋamba nti, “Ndi Mukristaayo, ssebo.”

Ne mmubuuza nti, “Kiki ekyo ekikusanyusizza obwenkanidde awo?”

77 N’aŋŋamba nti, “Ssembera wano.” Ne nsembera ne nnamukadde oyo awaali akabookisi ako. N’ambuuza nti, “Olugoye luno olulaba?”

Ne mmuddamu nti, “Yee, ssebo.”

N’ambuuza nti, “Ebbala eryo eriruliko oliraba?”

Ne mmuddamu nti, “Yee, ssebo.”

N’aŋŋamba nti, “Omukono gwo guteeke mu kiwato kyange wano.”

Ne mmubuuza nti, “Kiki ekyo ekikaluba?”

78 N’aŋŋamba nti, “Awo, lumu we waayitanga olukoba lw’obuddu. Era *ogwo* musaayi gwa Abraham Lincoln.” N’agamba nti, “Omusaayi gwe gwannyambula olukoba lw’obuddu.” N’ambuuza nti, “Ggwe ekyo, naawe tekyandikukyamudde?”

79 Ne nnyimirira awo ne nsamaalirira. Muli ne nnebuuza nti, “Bwe guba nga omusaayi gwa Abraham Lincoln gusobola okukyamula—okukyamula omuddu, kubanga gwamwambulamu olukoba lw’obuddu, olwo ate Omusaayi gwa Yesu Kristo gwo gulina kukola ki eri abantu nga Rosella ono ali wano, eyali omuddu w’ettamiiro; nange, eyali afa, ssewannaku eyali asaasirwa?” Yannyambula olukoba lw’obuddu bw’ekibi okuva mu mutima gwange. Ekyo tekisaanye kukyamula muntu? Tekisaanye kumuleetera kuwulira mu ngeri ya njawulo? Tekisaanye kumuleetera kwetowaza bw’akirowoozaako? Tosobola kulaba muti n’otakoteka mutwe gwo, kizibu nnyo, nga okimanyi nti ku muti ogwo Yesu kwe yanunulira obulamu bwo.

80 Nga bwe tweyongerayo mu maaso, katono, n’okwogera ku baddu, n’ekirowoozo kyaffe kye tuliko. Waaliwo okulangirira, Okulangirira kw’Eddembe, okwassibwako omukono, nga waliwo olunaku abaddu lwe baali bagenda okuba ab’eddembe okuva ku olwo. Temumanyi, o, bw’oba tosisinkananga Kristo, ekyo tosobola kumanya kye kyali kitegeeza eri baddu abo. Amawulire bwe gaayitiŋŋana, okwetooloola eggwanga lyonna, nti, “Mujja kuteebwa ku lunaku gundi, nga busaasaana. Mujja kuba ba ddembe. Temujja kuddamu kwambala nkoba za buddu, newankubadde okuddamu okukubwa emiggo. Naye muli ba ddembe, era muli batuuze ba ggwanga lino ekkulu ery’Amerika. Mujja kuba temukyali baddu, okuva mu matulutulu g’olunaku gundi.” Ha, baalindirira n’essuubi ery’ekitalo.

81 Ekyo kale singa omwonoonyi asobola okukiraba! Omwonoonyi singa amala n'awulira Enjiri ey'amazima! Si eby'okwegatta obwegassi ku kkanisa, wabula okubuulirwa kw'Enjiri, n'owulira nti osobola okuba ow'eddembe okuva mu kibi, nti osobola okuba ow'eddembe okuva mu ndwadde eyo ekuluma. "Mu bbanga bweriti," awo wennyini w'okkiririza.

82 Omanyi, abaddu abo baasanyuka nnyo era nga beesunga n'okwesunga okutagambika, nga balindirira essaawa eyo we banaateebwa, okutuusa nti, baŋŋamba mbu, baakuŋŋaanira wansi w'akasozi, bamaama n'abaana, bonna ne bakuŋŋaana wamu, n'abamu ku bakadde. Ne balinnya waggulu okutuuka ku ntikko y'akasozi, ku ssaawa nga mukaaga ez'ekiro. Nga bakimanyi nti we bunaakeerera buti enjuba n'evaayo, bajja kuba ba ddembe. Tekyali kya kutwala yadde ekitundu ky'eddakiika enjuba okugirengera nga eyaka bw'evaayo ku ntikko y'akasozi, naye abamu ku bo baali baalinnye dda waggulu ku ntikko y'akasozi, nga balengera, nga balinze. "Ha, enjuba w'enaaviirayo eti, tujja kuba tuli ba ddembe." Oyo yali m-w-a-n-a . . . manya, yali n-j-u-b-a.

83 Naye O-m-w-a-n-a bw'alivaayo olumu ku nnaku zino! Era O-m-w-a-n-a bwe yazuukira emyaka nga lukumi mu lwenda egyakayita, Yamenya buli lukoba lwonna olw'obuddu, Yasumulula buli muwambe yenna, Yawonya buli ndwadde yonna, Yawa eddembe abo abaali mu buwambe. Nga tusaanye okulinnya waggulu tulindirire!

84 Era enjuba olwali okuvaayo n'eringizaako, katono eti, omusajja eyali ku ntikko waggulu awasemba, yagiraba, n'aleekaana n'agamba munne eyali amuddiridde nti, "'Tuli ba ddembe!" N'omusajja eyali addiridde oyo naye n'aleekaana n'agamba omulala eyali amuddiridde nga okkirira wansi w'akasozi nti, "Tuli ba ddembe!" Okutuusa obubaka lwe bwatuuka mu lusiisira lwonna nti, "Tuli ba ddembe!" Kubanga, enjuba yali evaayo, baali balindiridde, nga balindiridde, nga balindiridde essaawa eyo.

85 Ffe tusaanye kulindirira kwenkana wa, leero, nga tulindirira O-m-w-a-n-a wa Katonda. Twasumululwa okuva mu kibi. Twasumululwa okuva mu njegere ezaatusibanga. Twasumululwa okuva mu mize. Twasumululwa okuva mu kufuuweeta sigala, mu kunywa omwenge, mu butamiivu, kubanga O-m-w-a-n-a wa Katonda yazuukira okuva mu ntaana n'akutula ebisiba byonna. Tetukyaliko kunenyezebwa kwonna! Ebbanja lisasuddwa. Omutango gusasuddwa. Ebibi binaaziddwaawo, era tuli ba ddembe. O, tuli bantu, ba ddembe! Obuddu? Eddembe, Omwana wa Katonda bw'avaayo n'okuwonya mu biwaawaatiro Bye!

86 Lumu Alisituka n'ava ku Ntebe ey'obwakabaka, n'akomawo ku nsi. Era ku olwo tuliba ba ddembe okuva mu bulumi bwonna

n'ebikemo byonna, tuliba ba ddembe okuva mu bulumi obwa buli ngeri abantu bwe bayitamu na buli kimu kyonna kye tuyitamu mu bulamu buno nga abantu, okubeera Naye emirembe gyonna. Tuliba ba ddembe. "Mugende, mukirangirire," ekyo ky'ekisaanidde okukolebwa.

87 Mu biro bya Bayibuli, waabangawo omwaka gwa jubireewo. Abantu abaabanga baatundibwa mu buddu olw'amabanja ge baabanga babanjibwa, baabanga n'amabanja nga balemereddwa okugasasula, bwe batyo ne bagenda beetunda eri abantu abalala, bafuuke baddu baabwe. Era baabanga balina kubeera baddu baabwe, abaddu baabwe ab'okubakoleranga, obulamu bwabwe bwonna. Naye, buli luvannyuma lwa kiseera, wajjangawo olunaku olw'ekisa, ekyayitibwanga omwaka gwa jubireewo. Era omwaka gwa jubireewo bwe gwatuukanga, kabona yafulumanga n'afuuwa ekkondeere. Era ekkondeere eryo lyabanga litegeeza buli muddu yenna, si nsonga ne bwe yabanga amaze ebbanga lyenkana wa nga aweereza oba nga abuzaayo bbanga lyenkana wa, ekkondeere eryo bwe lyavuganga, omuddu oyo yabeeranga wa ddembe. Nga asobola okussa wansi enkumbi ye ne yeddirayo eka eri abaana be. Kyabanga tekimwetaagisa kuddamu kukola, kubanga yabeeranga wa ddembe ekkondeere lya jubireewo bwe lyafuuyibwanga. Ekkondeere eryo teryavangamu ddoboozi litategeerekeka, wabula lyavangamu eddoboozi eritegeerekeka obulungi. Era omusajja oyo yabanga wa ddembe okussa wansi ebikola, ne yeddirayo eka nga wa ddembe takyali muddu.

88 Enkya ya leero, Bayibuli egambye nti, "Ekkondeere bwe livaamu eddoboozi eritategeerekeka, ani anaategeera eky'okukola?" Bayibuli bw'eba ebuulidde nti Yesu Kristo yazuukira okuva mu bafu, y'Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna, naye nga amakondeere ge tuwulira nga gafuuyibwa ensangi zino go gagamba nti, "Ennaku z'ebyamagero zaayita, eby'okuwonyezebwa okw'Obwakatonda tebiriiyo," ani anaategeera engeri y'okweteekateekamu?

89 Kye twetaaga leero be babaka abafukiddwako amafuta abava eri Katonda! "Yazuukira okuva mu bafu! Ye omu jjo, leero, n'emirembe gyonna!" Obwo bwe Bubaka bw'ekiseera kino.

90 O, wabaddewo obubaka obw'amaanyi, naye Paasika y'esinga bwonna obukulu! Ddala bwali bubaka bwa maanyi; naye Paasika y'eyali okuwumbawumba kwabwo bwonna! Abafu bwe ba . . . kwali kukola nteekateeka nti omulabe asembayo . . . Twalaba ku ndwadde nga ziwonyezebwa mu Ndagaano Enkadde. Twalaba ebyamagero nga bikolebwa mu Ndagaano Enkadde. Waaliwo okwolesebwa okwajjanga mu Ndagaano Enkadde. Naye buli musajja yakomekkererezanga mu ntaana, nga yeebuuza oba alizuukira. Naye ku makya ga Paasika, abayigirizwa bano bwe baafuna Obubaka obukyasinzeeyo okuba obukulu omuntu yenna bwe yali afunye, baafuna ki?

"Mugende, mubuulire abayigirizwa Bange, Nzuukidde okuva mu bafu!" Okufa kwali kuwanguddwa!

91 Waali tewabangawo muntu yenna ku nsi, tewali nnabbi, tewali musajja wa maanyi, tewali muntu mutuukirivu yali asobodde kuwangula. . . Obulwadde baasobola okubuwangula ku bw'Omwoyo wa Katonda. Baasobola okuwangula ebiseera, ku bw'Omwoyo wa Katonda, ne balaba ebintu ebigenda okujja mu maaso. Ebyo baasobola okubiwangula. Naye waali tewabangawo musajja aliko mafuta ga Katonda amayitirivu obwenkanidde awo, asobola kugamba nti, "Nsobola okuteeka wansi obulamu Bwange, ate ne Mbweddiza. Omubiri guno muguyuze, Nja kuguzuukiza ku lunaku olw'okusatu." Waali tewabangawo muntu yenna asobola kwogera kintu nga ekyo. Era baali beebuuza mu mitima gyabwe, oba ddala kino kinaabeera kituufu oba nedda.

92 Naye ku makya ga Paasika, baafuna Obubaka obwali bugamba nti, "Mugende mu nsi yonna, mubuulire Enjiri eri ebitonde byonna. Nzuukidde okuva mu bafu. Laba, Ndi nammwe ennaku zonna, okutuuka ensi lw'erikoma. Akkiriza n'abatizibwa alirokolebwa, naye atakkiriza omusango gulimusinga. N'obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza: mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu; banaayogeranga mu nnimi empya; bwe banaakwatanga emisota oba ne banywa ekintu ekitta, tekiribakola kabi; Bwe banassanga emikono ku balwadde, banaawonanga." *Obubaka Bwa Paasika*, bwe bumu ku bubaka obusingayo okuba obukulu ennyo. Okufa kwali kuwanguddwa!

93 Tulowooza ku muwanguzi. Napoleon, ku myaka asatu mu esatu gyokka, yali awambye ensi yonna. Yawamba ensi yonna, n'akuba buli ggwanga eryali lyetaagisa okukubibwa. N'atuuka ne yeetamwa kubanga waali tewakyali muntu mulala yenna wa kulwanyisa, n'atuula wansi n'akaaba. Nga tewakyali muntu mulala yenna wa kulwanyisa, naye amateeka g'omuzannyo teyagazannya na bwenkanya. Bamalaaya mitwalo na mitwalo be baagobereranga eggye lye, yatambulanga n'emmundu n'ekitala. Ku myaka amakumi asatu mu esatu, ensi yonna yali agiwambye. Newankubadde nga lumu yali yawera okukozesa ebitamiiza, naye yafa mutamiivu lujuuju, kubanga amateeka g'omuzannyo yagazannya mu ngeri etaali ya bwenkanya. Yali yeerabira obubaka. Okuwangula yali awangudde, naye obubaka yali yabwerabira. Okulumba yalumba, naye yeerabira ekyali kimututte okulumba.

94 Nga omulenzi oli eyadduka mu mbiro, nga ekkanisa bw'edduka leero, nga abantu bwe badduka, nga eggwanga bwe lidduka! Obuddukiro bwaffe si bbomu nnamuzisa ez'obutwa, obuddukiro bwaffe ye Yesu Kristo n'okuzuukira Kwe.

95 Napoleon ekintu ekikulu yali akyerabidde. Kiki ekyamutuukako? Yafa awanguddwa, nga mutamiivu waddanga. Lwaki? Kubanga omuzannyo teyaguzannya nga bwe gulina kuzannyibwa, newankubadde yali awangudde ensi, mu buliwo. Yali ateeseteese eggye. Yali mukugu nnyo nga mu by'ekinnamagye tawunyikamu, yawamba buli ggwanga n'akola ebintu (ebyo ye) omuntu omulala yenna bye yali tasobola kukola oba omuntu omulala yenna by'atakolangako, nga ye, wabula yeerabira obubaka obutuufu kye bwali. Ensi yonna yali agiwambye, era nga afunye amaanyi ge mu by'ekinnamagye, wabula yeerabira amaanyi ga Mukama.

96 Amaanyi ga Mukama kwe kubudaabudibwa kwaffe. Tetulina maanyi malala gonna. Sirina buddukiro bulala bwonna, yadde! Ayi Katonda nsaasira! Twala obulamu bwange, naye toŋŋanyanga okwerabira wa amaanyi gange gye gava. Gava eri Mukama! Ebintu by'ensi ebirungi okuzaama si bye njagala. Njagala Yesu, njagala kuzuukira Kwe kwe kuba kubumbujja mu bulamu bwange.

97 Ekyo nga kyali kyawukanira ddala ku ekyo Yesu Kristo kye yatuukako ku myaka asatu mu esatu! Ku myaka asatu mu esatu, Yesu yali nnyini byonna; Ye yakola ensi. Era Yali mu nsi, naye ensi n'etamumanya. Teyeekolerako ttutumu Lirye ku Bubwe. Teyakungako bajaasi bonna kubakuŋŋaanya. Talina makanisa gonna ge yagunjaawo. Teyeekolerako mannya ga kitalo gonna. Teyajja na ddiguli zonna za njigiriza, na magezi na kukenkuka mu bya ddiini ze yali ayinza kwenyumirizaamu, n'ebirala byonna, talina wantu wonna w'ayogerwako okuba nga yagendako mu ttendekero lyonna ery'ebyenjigiriza eby'eddiini. Naye yalina Katonda. Yalina Katonda. Era ku myaka asatu mu esatu, Yali amezze buli muzimu gwonna ogwasowolangayo omutwe gwagwo okuva mu ggeyeena. Yamegga obulwadde. Yamegga obusamize. Yamegga emizimu. Yamegga okufa. Era ne bwe Yafa ku musaalaba, Yakkirira wansi mu bunnya bwa ggeyeena obutalina ntobo, ne ggeyeena n'agiwangula.

98 Ate ku makya ga Paasika n'awangula amagombe. Lwaki? Amateeka g'omuzannyo Yagazannya nga bwe galina okuzannyibwa nga adduka alina Obubaka. Yali, Yagenda! "Genda." Katonda yamutuma, era Yalina Obubaka obw'okulangirira eri abantu. Era nga alina Obubaka Katonda bwe yamuwa, Yasobola okuwamba amaanyi ga Ssetaani. Yamegga endwadde. Yamegga okufa. Yamegga ggeyeena. Yamegga amagombe. Lwaki? Yagenda! "Genda, olangirire!" "Bulijjo Nkola ekyo Kitange ky'Aba andaze okukola. Ssikola kintu kirala kyonna okuggyako ekyo ky'aba Aŋŋambye okukola."

99 Era bwe Yali tannafa, Yayogera n'agamba nti, "Nga Kitange bwe yantuma, Nange mbatuma." Si kukozesa maanyi ga kinnamagye mu kutendeka basajja; si kumalira budde

bwammwe bwonna ku ani agenda okubeera Pulezidenti. Ekyo weewaawo kyandiba nga kyetaagisa okukolebwa, naye mu *Kino* tekyetaagisa. Ensi eyonoonese. Tulina Obubaka bumu bwokka, nga bwe buno nti, Yesu Kristo yazuukira okuva mu bafu, era y'Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

100 Eggulo, mu kkooti y'amateeka, baabadde bagezaako okumpaliriza okubaako ne kye njogera ekitali kituufu. Ne mbagamba nti, "Nze siri muyaaye." Ne mbagamba nti, "Ndi—ndi—ndi muntu mwesimbu. N'olwekyo temusobola kumpaliriza kwogera kintu kirala kyonna okuggyako amazima ameereere."

101 Omusajja omu gwe nnabadde naye, n'agamba nti, "Nze ebyo omuntu n'amala abiŋŋamba, mbeera mpulira nga mbula okumukasukira ekitabo."

102 Ne mmugamba nti, "Nedda, ssebo. Nedda, ekyo ssi kituufu. Eyo ssi y'engeri ey'okukikwatamu. Ekyo si kituufu."

103 N'ambuuza nti, "Kati, kijja kitya okuba nga tokimanyi nti ebintu bino bigenda mu maaso? Lwaki si ggwe abikola?"

Ne mmugamba nti, "Nze ebiseera byange mbimalira mu kuweereza Yesu Kristo."

104 Ayi Katonda, oo, abantu bazibe b'amaaso tebasobola na kukiraba! "Nga Kitange bwe yantuma," Kitaawe yamutuma, n'Agenda. Yalina Obubaka obw'okulangirira eri abantu. Era mu kaseera ak'okufa, Yamegga okufa n'Amegga ggeyeena, n'Amegga n'amagombe. "Nga Kitange bwe Yantuma n'Obubaka, nammwe Mbatuma mugende n'Obubaka; si kuzimba makanisa, na bibiina bya buntu, naye mugende mu nsi yonna mwolese amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu. Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza; mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu, banaayogeranga ennimi empya, banaakwatanga ku misota." Era nga emibiri gyaffe bwe gigenda mu ntaana, nga n'ogugwe Ye bwe gwagendayo, byonna wamu Yabimegga okufa, ggeyeena, wamu n'amagombe. Ye Muwanguzi ow'amaanyi.

105 Atutuma tugende n'Obubaka Bwe. Leka tugende n'Obubaka, tugende n'eky'okwogera. "Mugende, mukirangirire!" Si kudduka buddusi ate tubulwe eky'okwogera, leka tusooke tukifune mu mitima gyaffe.

106 Bw'ojja mu maaso okusabirwa, enkya ya leero, tomala gajja buzzi. Jangu n'Obubaka mu mutima gwo obugamba nti, "Nze Oyo eyali afudde, naye kati ndi mulamu. Nze eyawa Obubaka nti, 'Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza.'" Katonda Omuyinza w'ebintu byonna bw'aba asobola okuddira o—omwana omuwere ow'endali n'ateereza amaaso ge ne galaba bulungi; Katonda asobola okuddira omwana omuwere, omwana ow'obulenzi omuwere eyazaalibwa, nga muzibe talabangako mu bulamu bwe, naye ku myaka kkumi na mukaaga, n'amuddiza buggya amaaso ge n'alaba; Katonda era asobola okuddira omuntu omunakuwavu asaasirwa aliiriddwa kookolo . . .

107 Era kubanga Obubaka butuufu, kubanga Katonda yaweereza Obubaka, kubanga Katonda yatuma omubaka, awatali kubuusabuusa kwonna buli mmundu ya ggeyeena yonna ejja kuba ewandagaza amasasi gy'ali. Ekyo kituufu, ajja kwesittala agwe, addemu asituke yeekunkumule, yeeyongere mu maaso. Tulina Obubaka, tewali kintu kyonna kigenda kubuziyiza! Aleeruuya! "Ku lwazi luno kwe Ndizimba Ekkanisa Yange, n'emiryango gy'Emagombe tegirigiyinza." Basobola okwogera byonna bye baagala, ne bakola byonna bye baagala, ssetaani asobola okuwuluguma n'okuwoowoola. Naye Yesu yazuukira okuva mu bafu, Abeera mu ffe leero!

108 Ennaku ntono eziyise emabega, twali tunyumyamu ne Dokita ow'amaanyi Lamsa, eyavvuunula Bayibuli okuva mu lulimi Olulamayiki, okugizza mu Lungereza. Ne ndaba akabonero ako, nga kuwandiikiddwaako akabonero ka Katonda ako, nga kaliko obutonnyeze busatu. Ne mmubuuza nti, "Dokita Lamsa, kategeeza ki ako?"

N'aŋŋamba nti, "Ako kooleka Katonda, mu nneeyoleka ze essatu ez'enjawulo."

109 Ne mmubuuza nti, "Ky'otegeeza kwe kuba nti, Katonda abeera mu woofiisi ssatu, nga, Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu?"

110 N'asituka n'antunuulira, nga bw'akulukuta amaziga mu maaso ge ago ag'Ekiyudaaya, n'ambuuza nti, "Ekyo okikkiriza, Ow'oluganda Branham?"

Ne mmuddamu nti, "Na buli kimu kyonna ekiri mu mutima gwange."

111 N'ampambaatira, n'agamba nti, "Nnawuniikirira bwe nnalaba ebintu ebyo eby'amaanyi nga bikolebwa, n'obubonero bwe wali okola." N'agamba nti, "Baŋŋamba nti oli nnabbi. Naye ssaakikkiriza, okutuusa kaakano. Kaakano mmanyi nti oli nnabbi." N'agamba nti, "Ddala ky'ekyo! Obwo bwe Bubaka. Ekyo ky'ekintu ekijja okunyeenya Obwakabaka bwa Katonda." Weewaawo. N'agamba nti, "Lumu olikifiiririra, muvubuka." N'agamba nti, "Obujulizi bwo olibussaako akabonero olw'ekintu ky'ekimu ekyo kyennyini."

112 Omu ku basajja abasinga okuba ab'amaanyi be tulina, abasajja nga Eisenhower n'abasajja abalala ab'ekitalo mu nsi, Hollywood, n'abazannyi ba firimu bannakinku na buli omu yenna gwe baanoonyanga okumusisinkana, naye yatuula n'akkalira awo wennyini mu lukuŋŋaana. N'agamba nti, "Mmaze emyaka egisukka mu makumi asatu, nga nkola okuvvuunula kuno, nga sikujja mu Luyonaani lwe Vatican, wabula okuva mu Lulamayiki; nga mbijja butereevu okuva mu, okuva mu Lulamayiki, ne mbizza mu Lungereza." N'agamba nti, "Mmaze ekiseera ekyo kyonna," n'agamba nti, "Naye kati kye nzije nnyingire mu kifo we ndaba Katonda wa Bayibuli,

nga atambula." N'agamba nti, "Omanyi, Ow'oluganda Branham, obubonero n'ebyewuunyo tusobola okubiraba, naye twekkaanya okuzuula Ddoboozi kika ki akabonero ako lye kalina. Ffe Abayudaaya, akabonero tukalaba, naye tufaayo nnyo okuwulira Eddoboozi eriri emabega w'akabonero kye ligamba."

113 O, aleruuya! Eddoboozi ly'akabonero! Katonda yagamba Musa nti, "Bwe bataliwulira Ddoboozi, Eddoboozi ly'akabonero akasooka, baliwulira Eddoboozi ly'akabonero ak'okubiri." Essira teriri nnyo ku kabonero, wabula ku Ddoboozi erigendera ku kabonero ako.

114 Mukiraba, Omuyudaaya oyo, yali amanyi ky'ayogerako. Yagamba nti, "Ndabye okwawula emyoyo, ndabye obubonero, ebyewuunyo, abazibe b'amaaso nga gazibuka, n'obubonero obwa buli ngeri, naye era nnasigala nneewuunya, naye kaakano ndabye Eddoboozi erigoberera biri byonna nga terijja kutemaatemamu Katonda mu bitundu bisatu, nga ligamba nti, 'Ali Katonda omu, ye Kitaffe, ate ekiddako, ye Mwana,. . .' Agamba nti, 'Katonda ye Katonda: enneeyoleka za Katonda ze ziri essatu; woofiisi ssatu eza Katonda.'" N'agamba nti, "Ekyo kikikakasa."

115 O, ow'oluganda, tulina Obubaka! "Mugende, mubuulire abayigirizwa Bange! Siri *omu* eyafa, ate *omulala* abulako katono okufa, ate *omulala* nga ye mulamu. Nze Oyo Eyaliwo, era Aliwo, era Ow'okujja; Ekikolo era Omuzzukulu wa Dawudi; Emmunyeenye Eyakaayakana ey'oku Makya." Weewaawo!

116 Kikugasa ki okugenda, bw'ogenda, nga tolina kya kwogera? Oteekwa okuba n'eky'okwogera, ddala bwe kiri: "Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, mwenna abaagala. Yabafiirira mwenna. Mwagale Yesu Kristo Omwana wa Katonda."

117 Bameka ababaddeko mu nkuŋŋaana, ne mulaba obubonero obw'amaanyi n'ebyewuunyo e—eby'okulabika Kwe, mu ngeri gy'Ayawawulamu emyoyo n'okulaga, n'ebintu ebitali bimu? Oyo ye Katonda w'Eggulu, Eyazuukira okuva mu bafu.

118 Musaana mulabe ku kabonero k'Abaebbulaniya ke bakozesa okwoleka Ekyo. Kali mu nkula ya Kitangaala, nga Empagi y'Omuliro, nga munda mulimu obulambe busatu, Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, nga tebaali baperesoona basatu. Yali Katonda omu mu woofiisi ssatu. Katonda y'omu! Aleeruuya! Katonda ali waggulu ku mmwe, Katonda ali nammwe, Katonda ali mu mmwe. Y'omu yennyini ye Yekkakkanya, alongoose Ekkanisa Ye, asobole okugibeeramu. Bw'omutemamu obutundutundu, akamu n'okateeka erudda *wano,* akalala *wano,* n'akalala *wali,* obwo buba bukaafiiri obuwedde emirimu.

119 Nzikiriza okuzuukira kwa Yesu Kristo, yazuukira mu bafu. Era Ye Muntu yekka eyali asobola okugamba nti, "Mpeereddwa amaanyi gonna mu Ggulu ne ku nsi mu mukono Gwange.

Amaanyi gonna mu Ggulu ne ku nsi gampereddwa mu mukono Gwange. Mugende mu nsi yonna, mubuulire Enjiri eri ebitonde byonna." Enjiri teyajjira mu bigambo mwokka, wabula mu maanyi n'okulabisibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Ekyo Katonda abayambe okukikkiriza, nange Katonda annyambe okukikkiriza, olwo lumu tuliraba Yesu.

Nga okulafuubana kw'obulamu kukomye,
tuliraba Yesu ku nkomerero ya byonna;
Ku Ntebe Ye ennungi ey'obwakabaka
Alinnyaniriza Eka,
Olunaku bwe luliba lukomye. (Ddala bwe kiri.)

Omusenyu gugenze gubikka ekisinde
Ky'Omutambuze ow'okulubalama lw'e
Ggaliraaya.

120 Baamutta mbu kubanga Yeefuula Katonda, ate nga Yali Katonda. Baamuwanika, kubanga, baamusalira gwa kuttibwa. Eyo y'ensonga lwaki sikkiririza mu kibonerezo kya kutta. Yesu yafa olw'ekibonerezo kye—kye baamusalira eky'okuttibwa okuva mu gavumenti eyali wansi w'obufuge bwa Rooma. Ekibonerezo ekyo eky'okuttibwa, kwali, kuwanikibwa ku musaalaba. Baamusalira gwa kuttibwa, ne bamwambulamu engoye Ze, ne bamuwanika, ne bamuweebuula, n'Afiira mu mbeera bw'etyo. Naye Katonda n'amuzuukiza ku lunaku olw'okusatu!

121 Era ffe tuli bajulirwa Be. Kati bwe tutayimirira ku Lulwe, ani anaayimirira ku Lulwe?

122 Waliwo omusajja eyansisinkana luli, n'aŋŋamba nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, leka kwogeranga otyo. Lekera awo okwogera otyo. O—olumya abakazi, buli lw'oyogera ku by'okusala enviiri, n'okukola *bino* na *biri*, n'ebirala bw'ebityo."

123 Ne mmubuuza nti, "Bwe ssiibabuulire, ani anaababuulira? Ani anaakyogerako?"

N'aŋŋamba nti, "Naye, ababuulizi abo obanyiiza."

124 Abo waakiri bannyiigira, okusinga Ye okunnyiigira. Ago ge Mazima. Ddala bwe kiri! [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Bwe kiri. Ani anaakyogerako? Wateekwa okubaawo akyogerako.

125 Yesu yagamba nti, "Mugende, mutegeeze. Mugende mutegeeze, mutegeeze abayigirizwa Bange nti Nzuukidde okuva mu bafu. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Laba, Ndi nammwe bulijjo, okutuuka ku nkomerero y'ensi."

126 Ekyo mukikkiriza, ab'emikwano?

Leka tusabe, nga tukotese emitwe gyaffe kaakano okusaba.

127 Ayi Kitaffe Katonda! Mazima ddala, "Mugende, mutegeeze. Mugende, mutegeeze abayigirizwa Bange nti Nzuukidde okuva

mu bafu." Era Kitaffe Katonda, abayigirizwa Bo tewakoma ku kubagamba bugambi, naye Wabakakasa nti Ozuukidde okuva mu bafu. Wabeeraga ne bakulaba, era n'okola mu ngeri y'emu yennyini gye Wakola nga tonnafa. Emyaka lukumi mu lwenda gizze ne gigenda, Mukama, naye Obubaka bukyabumbujja. Bukyabumbujja mu mitima gyaffe leero nga bwe bwali mu kiseera kiri mu bayigirizwa bali, kubanga tulaba Mukama eyazuukira mu makkati gaffe, nga akola ebintu bye Yakola mu kiseera kiri. Tukimanyi nga Yazuukira okuva mu bafu.

128 Paasika etegeeza kinene nnyo gye tuli, kubanga tuzze wamu okunyumirwa okussa ekimu okw'okuzuukira Kwe. Kubanga lumu twali twafiira mu bibi n'ebyonoono, nga omwana eyali yazaawa, naye kati tulabye ekisa, era Katonda atusonyiye ebibi byaffe. Atuwadde n'Akabonero, nga bwe Yakola Jjajjaffe Ibulayimu, okukakasa nti Atukkirizza. Jjajjaffe Ibulayimu yagamba nti yakkiriza Katonda, naye Ye n'amuwa akabonero ak'okukomola nga obukakafu obulaga nti amukkiriza. Naffe kaakano, ayi Kitaffe, leero tukomolebwa Mwoyo Omutukuvu, ebintu by'ensi byonna biweddewo. Tulina ekigendererwa kimu kyokka: kukuweereza. Tulina okuyaayaana kumu kwokka: kukwagala, kubeera bayigirizwa Bo.

129 Ne kaakano, ayi Mukama, nkusaba obubaka buno obutonotono obukutuddwakutuddwa Obukakase eri buli mutima. Leka buleme kubayitako. Leka bakirabe nti Obeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna, nti w'Oli wano, wazuukira okuva mu bafu, era ojja kubeerawo okutuusa o—Omwoyo n'omubiri lwe biryegatta awamu nate ku Kujja okw'Okubiri.

130 Nsabira abalwadde abali wano, ayi Kitange, enkya ya leero. Kaakano, ku makya ga Paasika gano, ntadde ku bbali, (manya, si kuteeka ku bbali, wabula ntadde wansi okumala akaseera) ebirabo bye Wampa, nga okwawula emyoyo. Ensi, ntalaaze amawanga ag'enjawulo, ayi Mukama, bonna bakimanyi. Naye kaakano nsaba, nti, Obubaka bwe Wampeera waggulu eno mu kibira, ennaku ntonotono gye buvuddeko, obukwata, ku maanyi ago agatonda agali wano mu kkanisa eno enkya ya leero, ku bantu bennyini be gaatonda, nkusaba, ayi Katonda, nga ŋŋenda okuteeka emikono gyange ku balwadde enkya ya leero, wamu ne baganda bange bano, Okke ku kkanisa eno enkya ya leero, n'okusaasira, Owonye abantu, waleme kubaawo muyongobevu yenna olukuŋŋaana we lunaggwera. Nsaba buli omu ku bo aweebwe omukisa era awonyezebwe.

131 Tukitegeera, ayi Mukama, nti si kintu kye tusobola okwetuusaako ku bwaffe. Wabula kukkiriza okwangu ennyo nga okw'omwana omuto, kukkiriza. Tulaba abayigirizwa oluvannyuma lw'okuweebwa amaanyi okuwonya abalwadde, nga baagenda naye omwana ow'ensimbu n'abalema okuwonya; ne baleekaana ne bakaaba, ob'olyawo, n'okubuuka ne babuuka, nga bagezaako okugoba omuzimu ogwo. Naye bwe gwasisinkana

Yesu, ha, nga kyayawukana ku ky'abayigirizwa! Yagugamba bugambi nti, "Ggwe omwoyo omubi, muveemu." Nga yali njawulo nnene! O, gwakitegeera nti Oyo teyali mutume butume. Oyo yali Mukama waffe Yennyini. Era omuzimu ne guyuzaayuza omulenzi ne gumuggunda ku ttaka. Naye Yesu n'abagamba nti, "Tafudde. Mumusitulewo mumuwe eky'okulya." Omuzimu gwali gugenze.

132 Ayi Yesu, Ggwe Omwana wa Katonda, jangu nate, fuka amafuta ku Kkanisa Yo buwa, yonna yonna mu bujjuvu, mu maanyi. Leka Omwoyo wa Yesu omulamu eyazuukira azuukize ekkanisa eno entono enkya ya leero mu kukkiriza okuggya, mu maanyi, amaanyi ag'okukkiriza, tusobole okuswaza buli awakana yenna. Kituwe, ayi Mukama. Abantu bano bonna mbawaayo gy'Oli, nga nkusaba Obawe omukisa owe emmeeme zaabwe obulokozi, n'okuwonyezebwa eri emibiri gyabwe, okuyita mu Yesu Kristo Mukama waffe.

133 Nga tukyakotese emitwe gyaffe, ŋŋenda kubaako ekibuuzo kye mbuuza. Waliwo omuntu yenna wano nga toli Mukristaayo, nga wandyagadde okujjukirwa kaakano, nga ogamba nti, "Nsabira, Ow'oluganda Branham"? Katonda akuwe omukisa ggwe ali awo. Waliyo omulala yenna agamba nti, "Siri Mukristaayo. Mpulidde amawulire nti Yesu yazuukira okuva mu bafu, naye amazima gali nti ssirina kye nkimanyiiko. Mu mutima gwange tazuukiranga. Sirina bumativu. N'ekirala, ndi mulwadde. ŋŋenda mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa, ne nkomawo ne ŋŋenda mu lulala, ne nkomawo ne ŋŋenda ne mu lulala. Mbeera nva mu kkanisa eno kudda mu kkanisa ndala, na kuva eno kudda eri." Ekyo si ky'ekikikola. Ekikikola kumukkiriza. Yazuukira okuva mu bafu. Ekyo kimala. Waliwo omuntu omulala nga wandyagadde okuyimusa omukono gwo? Ogambe nti . . . Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Waliyo omulala agamba nti, "Njagala kukkiriza. Njagala kukkiriza"?

134 Bameka abali wano nga muli balwadde? Muyimuse emikono gyammwe, nga ogamba nti, "Njagala kukkiriza. Njagala kumanya Obubaka enkya ya leero." Katonda akuwe omukisa. Ekyo kirungi. Yee, Katonda akuwe omukisa, mutabani. Kirungi. Kale.

135 Kati, Teddy, njagala okube oluyimba *"Omusawo Omukulu,"* okumala akaseera, bw'oba osobola, "kaakano ali kumpi." Kati nga bw'okola ekyo . . .

136 Ekyo kizibu mu kaseera kano. Okwolesebwa okw'enjawulo kuli mu kulabika buli wamu mu kizimbe, olaba. Weewaawo, ngezaako, mbadde ngezaako okulaba nga kuno kubeera okuzuukira, okw'eddaala erya wagguluko, wagguluko okuva ku—ku ntuumu y'evvu kwe mbadde ntudde. Nkyetaagayo okubikkulirwa okulala okweyongera ku okwo. Mmanyi

ekintu kimu: Kasita nneesiba ku buweereza buli obwasooka, obw'okubiri tebujja kujja, tebwajja. Ne ku luno kasita nneesiba ku bw'okubiri, obw'okusatu tebujja kujja, mulaba. Nnina okwesowolayo, nveeyo, nkikkirize nti, "Katonda bw'atyo bwe yayogera!" Ennaku ntono ezaakayita . . .

137 Kati musobola okuyimusa emitwe gyammwe bwe muba mwagala. Emikono gyammwe ngirabye; Katonda agirabye.

138 Nnina akantu akatonotono ke njagala okubanyumiza. Ow'oluganda Ed Daulton, nzikiriza yaakayingira, ow'oluganda Omubabutisiti omulungi, ye ne mukyala we. Ow'oluganda Jeffries alina waali wano. Othel Jeffries. Era alina waali wano, mmanyi alina waali wano awantu awamu. Kati, ab'oluganda abo baali balina olukuŋŋaana lwe bantegekedde okugendamu, emmanga mu Kentucky. Ab'oluganda, ab'oluganda abaagalwa, abaagala ekitundu kyabwe n'abantu baabwe. Baafuna ebizimbe ebinene ebikuŋŋaanirwamu n'ebizimbe omwaterekebwanga eby'okulwanyisa n'ebizimbe ebirala ebitali bimu, nga byonna bya lukuŋŋaana lwa kiro kimu kyokka, baali bapangisizza ebizimbe omuterekebwa eby'okulwanyisa. Omuto J. T. Hoover, kyonna kye bamuyita . . . L. G. Hoover alina lwe yali yategeka emmanga mu Elizabethtown. Ne Ow'oluganda Ed Daulton nga alinayo lumu ku Willow Shade manya—manya Somerset, Somerset. Ate ow'oluganda, ow'oluganda oli omulala ye yali mmanga eri nga mu Glasgow, gye nnazaalibwa. Eyo mu bantu be nnazaalibwamu era be nnakuliramu, Malayika wa Mukama gye yasooka okundabikira.

139 Kati nnali mpulira nga njagala nzireyo. Naye ate ne mba nga eyesisiggirizaamukko okuddayo. Ne ŋŋamba nti, "Naye, ku lw'ab'oluganda, olukuŋŋaana nja kulutegeka." Olwali okulinnya nti ekigere mu kiwonvu kino, emimiro gyange ne giziba ne mba nga sikyasobola kwogera okumala ennaku mwenda, okutuusa ennaku z'enkuŋŋaana bwe zaayitako.

140 Wamu, n'Ow'oluganda Ruddell, ayinza n'okuba nga waali wano enkya ya leero, omu ku b'oluganda aba wano mu kkuŋŋaaniro, ye ne Junie Jackson n'abalala, naye nnalina olukuŋŋaana olw'okubuulira ewuwe. Naye olwali okutuuka nti, emimiro gyange ne giziba. Era ekyaddirira, nnakwatibwa omusujja omuyitirivu ogw'ebbugumu erituuka mu kikumi mu ataano. Kati nnali ŋŋenda mu lukuŋŋaana, okusooka, naye—naye Dokita Schoen n'aŋŋamba . . . ne mmugamba nti, "Obulago bwange bwasaakadde."

141 N'aŋŋamba nti, "ŋŋenda kubaako eddagala lye nkuwa okutaggulula emimiro egyo, osobole okugenda mu maaso n'okubuulira." Eddagala lye yampa ne ndimira, naye, ate ekyabaawo, lyazibikira buzibikizi mukutu ogudda mu kiwanga. Ne mbeera ku ndiri okumala ennaku mwenda, nga nnina omusujja omuyitirivu ennyo.

142 Bangi ku b'oluganda wano bajja okundaba, ab'oluganda bangi abamanyiddwa ennyo bajja ne bansabira. Ne wajja Ow'oluganda Graham Snelling, ne wajja Ow'oluganda Ruddell, n'ab'oluganda bano bonna abali wano, bonna ne bakuŋŋaana wamu, ne basaba n'ebirala byonna. Nga nange bwe ngezaako nga bwe nsobola, okusaba, naye nga sisobola yadde okukuba akaama. Muli ne nneebuuza nti, "Naye kino kyonna kivudde ku ki?" Mukyala wange omwagalwa atudde awo, ye n'abalala nga nabo bansabira, naye nga ssirinaawo njawulo yonna. Ne kibalema okutegeera.

143 Kati, alina eddagala lye yampa okumira, wabula ssaalimira, kubanga lyali ddagala eritakkirizibwa kukozesebwa mu ngeri eya bulijjo. Kale ssaalimira nnalireka bulesi. Naye ne nsigala nga muli nneebuuza, "Mukama, mazima ddala!"

144 Kati oluvannyuma, nga enkuŋŋaana zonna ziwedde, ku Lwebbalaza (olukuŋŋaana olwalina okusembayo, lwali lulina kubaawo ku Lwamukaaga), kati (nzikiriza), awo nga, ku Mmande ne ngezaako okusituka. Naye nga ndi munafu nnyo, sisobola na kutambula awo mu kisenge. Ne ntuula wansi.

145 Omanyi, nneebaza nnyo Katonda olw'omukyala gwe yampa. Mmwe temumwebaza, ab'oluganda? Omukyala yennyini ddala, omubeezi owa nnamaddala!

146 Ne ntuula wansi. Ne mmuwenyako, ne mmuyita asembere wendi. Ne mmugamba nti, "Meda, ebiseera ebimu nneewuunya," ne ŋŋamba nti, "nneebuuza, buzibu ki." Ne ŋŋamba nti, "Ddala lwaki enkuŋŋaana ezo zibeerawo, ate Katonda n'andeka ne mbeera mu mbeera eno bwenti?" Ne ŋŋamba nti, "Ddala lwaki kibaddewo bwe kityo?" Ne ŋŋamba nti, "Ebiseera ebimu nneebuuza n'okwebuuza oba nga ddala Yampita."

147 N'ambuuza nti, "Ebyo by'oyogera tebikukwasa nsonyi?" Olaba? N'aŋŋamba, n'agamba nti, "Bill, tokimanyi nti Katonda amanyi ky'Ali mu kukola naawe? Ggwe, sirika busirisi."

148 Bwentyo ne nnyingira munda. Ekyo kyannenyaamukko, omanyi. Bwentyo ne nnyingira munda ne ngalamira ku kitanda. N'ajja akyuse amasuuka. Alina e—ebintu bye yali alina ku mukono gwe, kati bwe yatanula okufuluma, ŋŋenda okulaba, nga waliwo . . .

149 Ne ndaba eki- . . . ekizimbe ekinene omwaterekebwanga eby'okulwanyisa, ekyali kyakiddwaako ennyo omusana ne gukyabya ne kigwa ku ttaka, ne kisesebbuka kyonna, nga omusana gwaka okuva mu Ggulu. Ne wavaayo abakazi basatu n'omusajja, ne bajja. Nga balina obuntu obutono obufaananamu nga . . . nga bulinga, obubundu obutono, bwe butyo. Omusajja n'aŋŋamba nti, "Obwo bwe bukomerera emisumaali." N'agamba nti, "Kati . . . Ggwe wanika bino ebitundutundu waggulu, Ow'oluganda Branham, tugenda kukuyambako okukuzimbira etterekero ly'eby'okulwanyisa lino."

Ne ŋŋamba nti, "Kale, ekyo nja kukikola."

150 Naye ne wabaawo Ekiŋŋamba nti, "Tokikola." Kale, ne nkutama wansi okubaako akatundu ke nzigyawo, *bwenti*, okuzimba *bwenti*. Mu kaseera ako kennyini Eddoboozi ne lyogera gyendi, ne liŋŋamba nti, "Kati bali mu kkubo bajja baagala kukuzzaayo. Tokkiriza." Ne ligamba nti, "Buli mulundi babeera beesimbu nnyo, era bagenda kujja gy'oli ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, naye bakyamu." Mulaba?

151 Fred Sothmann, n'abalala bangi abali wano, baaliwo awo wennyini ne nkibagambako. Waba tewannayita kitundu kya ssaawa, ne wabaawo abantu abajja bavuga ne bajja butereevu ku mulyango gwange. Ne ŋŋamba be nnali nabo nti, "Kuliko abakazi basatu n'omusajja omu."

"Ddala bwe kiri."

"Bazze ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA?"

"Yee, ssebo, ba . . . "

152 Ne mbagamba nti, "Weewaawo, eky'okubagamba mukimanyi." Nga bakyamu wadde nga beesimbu, mulaba. Bantu balungi, naye bakyamu wadde nga beesimbu. Mukiraba?

153 Kati muli ne nneebuuza nti, "Naye, kati nkole ki? Kiki kye mba nkola?" Awo Meda n'akomawo munda, kuba yali afulumye. Ate Ow'oluganda Freddie ye n'agenda n'agamba abantu abo. Bwe waayitawo akaseera, nnali munda nga ndi ku—ku kitanda, ne nneebuuzamu nti, "Naye lwaki kiri bwe kiti? Lwaki ssisobola kwogera? Lwaki ssisobola kubaako muntu yenna gwe njogera naye, oba ekintu kyonna?" Nga ndi awo ngalamidde. Meda n'ayingira, nga agenda kuddamu nate afulume ekisenge.

154 Ne ntunula, ne ndaba nga ekintu ekimyansa ku ludda olumu. Ne nziramu ne ntunula, nga waliwo . . . ekisenge kyange ne kyeggula, ne ndaba Yesu. Bameka ku mmwe abaali bampuliddeko nga ŋŋamba nti nnaakalaba Yesu emirundi ebiri mu bulamu bwange, mu kwolesebwa? Era mbaddenga nzikiriza nti ndiddamu ne mmulaba nate nga enkomerero tennabaawo, mulaba, nziremu mmulabe. Kati, nnatunula, nga obwengula mbulabira ddala, nga nninga alaba okuyita mu kisenge. Nga waliwo Bayibuli yeesimbye *bw'eti,* Bayibuli ennene ennyo nga yeesimbye mu bbanga. Kati, ne wabaawo ekintu ekyamulisa ekitangaala okwetooloola Bayibuli, awo mu Bayibuli ne muvaamu omusaalaba ogwa zaabu ogulabika obulungi ennyo. Ne gwesimba bwe *guti,* nga ekitangaala bwe kyakaayakana okugwetooloola, era okuva mu musaalaba ogwo n'Ajja nga atambula. Mu Bayibuli mwavaamu omusaalaba, ate mu musaalaba ne muvaamu Ye. Bw'atyo n'Ajja nga atambula asembera, n'atambula n'atuukira ddala we nnali. Nsobola okukiraba ddala nga bwe kyali, nsobola okulaba omusaalaba ogwo nga gwakaayakana mu nviiri Ze nga ayimiridde awo, nga zigudde mu maaso Ge.

155 Yantunuulira *bw'atyo,* n'Aŋŋamba nti, "Olindiridde buweereza bwo obuggya okukakasibwa gy'oli." N'agamba nti, "Nnamaze dda okubukakasa gy'oli. Bwakakasiddwa dda. Olina okubukkiriza." Mulaba? Ne nnyimirira ne mmuwuliriza okumala akaseera. Ne wabaawo ekyanzijira mu birowoozo byange. Ekyo saakiwulira, wabula kyajja buzzi mu birowoozo byange.

156 Nga omuntu abadde omwonoonyi obulamu bwe bwonna, naye nga akimanyi nti waliyo Bayibuli, nga akimanyi nti waliyo Katonda, naye amangu ago n'awulira obubaka nga bubuulirwa, Ekintu ne kimugamba nti, "Oyo ye ggwe." Ate nga, Ekigambo ky'ekimu ekyo kibaddengawo ekiseera ekyo kyonna, naye nga kati Kikakasiddwa gy'ali, awo n'agamba nti, "Mukama, nsonyiwa." Naye tekisobola kubaako kye kimuyamba okutuusa nga akkirizza obulokozi bwe, olwo n'agenda atandika okweyisa nga Omukristaayo. Ne bw'akaaba atya, ne bwe yeegayirira atya, aba alina okukikkiriza.

157 Kati bw'atyo n'Aŋŋamba nti, "Naawe olina okukikkiriza mu ngeri y'emu. Olina okukikkiriza."

158 Ntya okulemererwa. Bwe wabaawo ekintu kyonna kye ntya, ntya nti nja kuleeta ekivume. Ekyo bulijjo nkitya, mbeera nneegendereza, nga ŋŋamba nti nnandyogera ekintu ekitali kyo. Kubanga, nnatwala okulabulwa kwa Bayibuli, engeri Musa gye yali yaweebwa amaanyi amangi, n'akuba olwazi mu kifo ky'okwogera gye luli. Nzijukira Eriya, engeri gye yalina ekiwalaata, abaana abo abato bwe baamusekerera olw'okuba yalina ekiwalaata; n'ateeka ekikolimo ku baana abo, era amakumi ana mu babiri ku bo ne battibwa eddubu, mulaba. Kati oyo teyali Mwoyo Mutukuvu, wabula yali nnabbi oyo, ye yali anyiize. Era ebintu ebyo byonna nzi—nzize mbiyitamu, okutuuka ku ekyo.

159 Kale yali Ayimiridde awo, ayogera nange. N'aŋŋamba nti, "Naye otambula n'abantu bangi nnyo." N'agamba nti, "Okutambula Nange, ojja kuba olina kutambula wekka."

160 Ekyo mu kiseera ekyo nnali nkirabye, nnali nfaayo nnyo ku bibiina by'amadiini n'ebintu ebirala ebitali bimu, olaba, nga omuntu agezaako okukubuulira ky'olina okukola ne ky'otalina kukola. Olina kugoberera Ye. Kati, mujjukire okwolesebwa kwe Yampa okukwata ku byennyanja, mukumanyi, okwali kugamba nga bw'otasobola kuyigiriza bubonero busuukkulumye maanyi ga buntu eri Bapentekoote abawere. Mukujjukira. Kati nga kiikino wano. Era ndi awo wennyini ku mugo gw'Obubaka buno obuggya.

161 Okwolesebwa olwali okunvaako kuti, ne ŋŋamba nti, "Amiina, Mukama!" Mukyala wange yali ayimiridde awo, katono azirike. Ne mbuuka okuva mu buliri, nga nsobola

okwogera obulungi nga bwe nnali njogera. Mu katikitiki butikitiki, omusujja gwonna ne gugenda.

162 Ne nkubira Doc Schoen, ne mmugamba nti, "Nnandyagadde onneekebejje."

N'agamba nti, "Ekiki?"

163 Ne ŋŋendayo, n'anneekebejja, n'akebera ekiwanga, n'aŋŋamba nti, "Mbuulira kiki ekibaddewo, Ow'oluganda Branham."

Ne mmubuuza nti, "Bye nnaakunyumiza onaabikkiriza?"

N'agamba nti, "Nnyinza ntya okubibuusabuusa? Bibaddewo."

164 Ky'ekyo, mulaba. Ky'ekyo, mukwano gwange. Katonda amanyi engeri y'okukukwatiramu awo ku ntuumu y'evvu. Amanyi engeri y'okubaako ne ky'akukolera okutuusa w'Asobolera okukutuusaako Obubaka, olaba, okukuleetera okubaako ne ky'okola.

165 Olwa leero, simanyi kulemererwa kwenkana wa. Nnayingidde munda awo emabegako, nnabadde mpuliriza leediyo. Kwabaddeko omuweereza eyabadde abuulira ku kuzuukira, okuva mu Abakkolinso Ekisooka 15. Era yabadde abuulira ku kuzuukira. N'asirikamu mu makkati g'okubuulira kwe, n'agamba nti, "Omanyi, abantu bangi nnyo batya okulemererwa." N'agamba nti, "Jenero Patton bwe yafiirwa ekibinja ky'abajaasi abawerako," n'agamba nti, "baamugamba nti . . . Yatumya bamusindikireyo abalala, ne babamusindikira. Nabo ne babatta, n'addamu n'atumya bamusindikireyo abalala. Bwe baamusindikira ekibinja eky'okusatu," n'agamba nti, "nga buli mulundi essasi lwe livuga, nga badduka beekweka wansi w'ekibaati, oba wansi w'ekintu ekirala kyonna, nga batidde."

166 N'agamba nti, "Mumpeereze basajja, temumpeereza baana bato." N'agamba nti, "Njagala abasajja abeetegefu okufa. Ssaagala muntu atya kufa. Ensonga gye tulwanirira bw'eba tegwana kufiiririra, temutawaana kubansindikira. Njagala basajja."

Ne bamugamba nti, "Naye waakawangulwa mu ntabaalo nga bbiri oba ssatu."

167 N'abagamba nti, "Sinnawangulwa lutalo. Mpanguddwa buwangulwa mu ntabaalo." Ne wabaawo ekyogera nange mu mutima gwange.

168 Nzijukira Eisenhower bwe yagamba nti, "Bwe nnakubanga essasi, bwe baaduumiranga ne bateeka amasasi mu mundu, ne basika emmanduso emmundu n'esikondoka busikondosi, ne litafuluma," n'agamba nti, "ssaawanikanga buwanisi ne ndekulira. Eryo essasi nnalijjangamu bujja ne nteekamu eddala, ne nziramu ne ngezaako. Nalyo bwe litaafulumanga, nga nteekamu eddala, okutuusa bwe nnafunanga eryafuluma."

169 Bwe kityo bwe kirina okukolebwa. Ssimanyi bwe kinaabeera. Naye Katonda nga ye Mulamuzi wange wano mu kituuti kino, simanyi kusikondoka kwenkana wa na ntabaalo mmeka—mmeka ze nnaawangulwamu, naye sijja kuwangulwa mu lutalo. Yaŋŋamba nti Alibeera nange. Nja kuyimirira okutuusa bwe nnaalaba obuweereza obwo nga bukakasiddwa era mbulabe nga bukola. Ntandika nkya ya leero, olw'ekisa kya Katonda. Simanyi oba bunaakolera wano, oba bunaakolera wantu walala, oba bunaakola butya oba kiki ekinaabaawo. Naye nja kugenda mu nnyiriri z'ab'okusabirwa, nga nsabira abalwadde, okutuusa lwe nnaamanya ekigenda mu maaso. Nkirabyeko nga kibaawo emirundi nga ebiri oba esatu.

170 Nnakirabako nga kibaawo mu nnyumba ya Hattie. Bameka abaali bawulidde ku mboozi ekwata ku bukaamuje, n'ey'omuwala, omuwala omuto? Omuntu eyasookera ddala mu bonna gwe tumanyiiko, kasookedde abayigirizwa bavaawo, eyali aweereddwa omukisa okugamba nti, "Saba ky'oyagala," nga oli awo. Emboozi eyo mwali mugiwuliddeko? Omukazi oyo mwali mumulabyeko? Bameka abatamulabangako, nga baagala, nga mwandyagadde okulaba omukazi oyo gwe kyatuukako? Tu. . .

Hattie, osobola okuyimirira? Ye mukyala oyo.

171 Nnali nnyimiridde mu nnyumba ye. Oluvannyuma lw'okulaba bukaamuje munaana, obutaava wantu wonna, wabula, nnayogera bwogezi kigambo, ne bulabikawo ne buyimirira awo. Ekyo kituufu. Bwe kityo bwe kyali, ne bubaawo. Kati nnabuuza nti, "Bukaamuje obwo kiki ekyabuleetawo awo ne bubaawo?" bwe nnali ntudde ewuwe ku lujjuliro. Ne maama we, Mwannyinaffe Wright, wuuno Ow'oluganda Wright, yaliwo ku olwo. Bameka abaaliwo ku olwo ku lujjuliro, bameka abali wano enkya ya leero? Muyimuse emikono gyammwe. Kale, baabo, okwetooloola ekizimbe kyonna. Mulaba? Kale, baaliwo. Era nnagamba nti, "Lumu. . . " Mwannyinaabwe omuto omulema yali atudde awo.

172 Nnagamba nti, "Mu kaseera kano kirina kujja nga kiyita mu kwolesebwa, n'ebirala, naye lumu kirijja mu ngeri ya njawulo." Mba nkyayogera bwentyo. Amangu ago, Ekintu ne kikifukako amafuta (kirekere abantu bano), siwuliranga ku mafuta nga gali. Lwaki? Kubanga Hattie yayogera ekintu ekituufu.

173 Nnabuuza nti, "Bukaamuje obwo bwava wa? Tewaaliwo yadde akamu bwe kati, yadde ekifo kwe buyinza okubeera, waali nga ku muti gw'essimu awo. Era nnakiraba emirundi munaana mirambirira nga kibaawo." Ne ŋŋamba nti, "Simanyi gye bwava." Ne ŋŋamba nti, "Kimu kyokka kye mmanyi, kiri nti lumu Katonda yagezaako okubaako Obubaka bw'akakasa eri Ibulayimu, bw'atyo n'Ayogera endiga ennume n'etondebwaawo, kubanga Yali yeetaaga endiga ennume, okusobola okukikakasa.

Nteekwa okuba nga nange nnali nneetaaga ka kaamuje, okusobola okwogera obubaka bwange. Era Yakikola emirundi munaana mirambirira, oba emirundi musanvu mirambirira, manya, emirundi musanvu mirambirira." Era nnagamba nti . . .

174 Bw'atyo, Hattie, ob'olyawo nga mukazi wattu ne ky'ayogera takimanyi. Mulabeeyo engeri gye kyayita ku bagagga n'abeegulumiza. Mulabe bwe kyayita ku buli kimu, ne kijja eri omukazi munnakyalo omunaku atalina bw'ali.

175 Nnalina ddoola abiri mu nsawo yange, ez'okuddiza omukazi oyo, kuba, yali yeeyamye okuwaayo ddoola ataano ku lw'okuzimba ekizimbe ky'ekkanisa kino ekipya ekigenda okuzimbibwa. Kati kino sikyogera kumuswaza; naye bambi, eky'amazima, n'ennusu ataano yali tazisobola. Naye, olw'omutima gwe okuba nti guli mu Bubaka, yali ayagala okuwaayo. Ow'oluganda Neville, nzikiriza, yali azikkirizza, nga ezisigaddeyo tagenda kukkiriza kuzitwala, wabula nga amulese aweeyo ddoola abiri zokka ku ataano. Kale nnalina obupapula bubiri obwa ddoola kkumi kkumi mu nsawo yange, Meda ze yali ampadde okugula ebyetaagisa ewaka, ne ŋŋamba nti, "Leero ŋŋenda kuzimuddiza."

176 Muli ne ndowoozaamu, ne wabaawo Ekyayogera nange, ne kigamba nti, "Yesu yalaba nnamwandu oli nga awaayo ennusu ze essatu, naye teyazimuddiza." Yamuleka n'aziwaayo kubanga Yalina ekintu ekisingawo okuba eky'amaanyi ekyali kijja mu maaso.

177 Ssaakimanya nti nange Yali ayogera nange mu ngeri y'emu, ku mukazi ono nnamwandu, ataalina bba. Bba yali yattibwa. Era ssaakimanya nti era yali y'Omu nga y'ayogera, bwe nnagamba nti, "Naye ddoola zino abiri leka nzisigaze, Olina ekintu ekirala ky'omutegekedde."

178 Nnagamba nti, "Ekintu kyokka kye mmanyi, kiri nti Yakuwa akyali Yakuwayire. Asobola okugabirira ssaddaaka."

179 Awo Hattie, nga ne ky'ayogera takimanyi, n'asituka n'agamba nti, "Ago ge mazima gennyini, Ow'oluganda Branham." Ha, bannange! Ekyo kye kyali ekintu ekituufu okwogera. Ekyo kye kyali ekintu ekituufu okwogera.

180 Mu kaseera ako, Amaanyi ga Katonda ne gakka mu kifo ekyo; siwuliranga ku mafuta nga gali. Era bwe gakka, ne ŋŋamba nti, "Hattie, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, saba ky'oyagala kyonna! Sifaayo oba kiki, Katonda ampadde obuyinza nkuwe okuyaayaana kw'omutima gwo mu kaseera kano kennyini. Oba osaba kakadde ka ddoola, ojja kukafuna. Oba osaba omuwala oyo omuto omulema asituke atambule, ajja kukifuna. Saba ekintu ekirala kyonna."

N'ambuuza nti, "Nsabe ki, Ow'oluganda Branham?"

181 Ne mmugamba nti, "Kyonna kyonna ky'oyagala. BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." Ha, nga yali nneewulira nnungi nnyo!

182 Ne yeetoolooza amaaso awo. Awo waali watuddewo kitaawe omukadde, kyenkana eyali yaakakomezebwaawo okuva mu bafu. Nga waliwo maama we eyali akuliridde mu myaka, eyali omuyongobevu. Nga waliwo muganda we omulema, muto we.

183 Naye yalonda ekyo kyennyini ekyali ekituufu. Yalina abavubuka babiri ab'emyaka egy'ekitiini abaali mu myaka egyo egy'obuteefiirayo. Omwami we omwagalwa yali yagenda mu Kitiibwa; ye yali Mukristaayo, nga alindirirdde. Naye abavubuka bo tebaali Bakristaayo. N'agamba nti, "Emmeeme za batabani bange ababiri." Katonda omutima gwe aguwe omukisa.

184 Ne ŋŋamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, bakuweereddwa."

185 Era baabano wano, baabatizibwa okuyingira mu Kukkiriza. Luli ekiro baali bannyumiza, nti, n'akalenzi kali akasembayo kaaliwo mu kunaazagana ebigere, ne kaateeka emikono gyaako ku mutwe gw'Ow'oluganda Neville, ne kamusabira bwe baali mu kunaazagana ebigere ebigere.

186 Abalenzi abo ababiri bandiba nga balina ne we batudde mu lukuŋŋaana enkya ya leero. Weebali, Hattie, bali wano naawe? [Mwannyinaffe Hattie agamba nti, "Bali mabega."—Omuk.] Bali mabega, bali mabega. Muli wa, bavubuka? Muyimuse emikono gyammwe. Bali ludda wa abalenzi abo ababiri? Baabali, bayimiridde mabega ddala eri. Katonda abawe omukisa. Kale. Kiikyo.

187 Kati, kiki ekyabaawo? Ekintu ky'ekimu ekyo, ne bwe kyandibadde kiki, ekyandimutuuseeko . . . ne bwe yandisabye kiki kyonna, kyandimuweereddwa. Yandikifunye.

188 Kati ekyo kye njagala okulaba nga kibaawo. Kijja kusinziira ku ndowooza y'abantu gye balina eri Obubaka. Mulaba engeri gye yakyogeramu? Yayogera ekintu kyennyini ekituufu. Ky'oyogera, kye kikikola. Ky'oyogera!

189 Mwekkaanye omukazi Omukanani bwe yajja eri Yesu. Yagamba nti, "Mukama wange, muwala wange atawaanyizibwa ddayimooni. Ayi Ggwe Omwana wa Dawudi, jangu omuwonye."

190 Ye n'amuddamu nti, "Si kirungi Nze kukwata mmere y'abaana kugiwa mmwe embwa obubwa."

191 Whew! Ekyo watya singa Yakigamba omu ku ffe? Twandigambye nti, "Ampise mbwa? Huh, era ddala, taliimu kya makulu! Ab'ekkanisa enkulu batuufu. Talina kya makulu ky'Ali mubuulire kuba mutukuvu yeevulunga kyokka. Ono Beeruzebuli awedde emirimu." Eyo y'endowooza gye twandibadde nayo. Naye omukyala oli si gye yalina.

192 Ye yagamba kimu nti, "Weewaawo kituufu, Mukama wange. Mazima Oli mutuufu. Naye era embwa nneetegefu okulya obukunkumuka obugwa okuva ku mmeeza y'abaana."

193 Ekyo Yesu kyamukwatako nnyo. N'agamba nti, "Olw'ekyo ky'oyogedde, ddayimooni avudde ku muwala wo. Olw'ekyo ky'oyogedde!"

194 Ekikulu y'endowooza yo, ab'emikwano. Si Y'eyakyogera? Mulina okukikkiriza, ab'emikwano. Mmwe, temukkiriza nze, nze ndi muntu; naye mukkirize kye mbabuulira, mukkirize Obubaka. Bw'oba omubaka tomukkiriza, kkiriza Obubaka. Singa omusajja ayingira wano mu kisenge, n'ebbaluwa, si nsonga y'ani, si nsonga afaanana atya oba y'ani, oba wa kitiibwa oba si wa kitiibwa, ggwe ebiwandiikiddwa mu bbaluwa by'oba okkiriza, tokkiriza muntu. Katonda yantuma okubategeeza. Nnina Obubaka. Katonda yantuma okubategeeza nti Yazuukira okuva mu bafu, era nti Ali wano enkya ya leero. Akikakasizza okuyita mu bubonero n'ebyewuunyo, nti Ali wano, era buli omu ku mmwe asobola okuwonyezebwa endwadde ezimuluma singa munajja n'endowooza entuufu. Ekyo munaakikola, nga bwe tuyimba oluyimba *Kkiriza Bukkiriza*.

195 Kati leka abo abagenda okusabirwa, bajje waggulu wano basimbe wano eno olunyiriri. Kati, tojja okuggyako nga okkiriza n'omutima gwo gwonna.

196 Mukama ow'Omuwendo, kano ke kaseera. Nkusaba Owonye abantu bano, ayi Mukama. Era otukuze amafuta gano. Weetwalire ekitiibwa, ayi Kitaffe. Tubaweereza bano mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

197 Ssimanyi oba tuyinza okusaba abantu abo abayimiridde ku ludda *luno* wano, bwe wabaawo engeri gye basobola okukolawo ebbanga wano eno, abantu basobole okuyitawo, bwe muba musobola. Okuyita wano eno, okudda *eri*. Kati awo bonna basobola okudda ku ludda luno eno, bonna abali mu lunyiriri, ne bakola olunyiriri lumu oludda eri.

198 Walina okubaawo ekibaawo, Ow'oluganda Neville. [Ow'oluganda Neville addamu nti, "Amiina. Kigenda mu maaso kaakano. Mukama atenderezebwe! Yesu ali wano. Ddala. Buli omu ku bo awonyezeddwa ku lw'Amaanyi ga Katonda."—Omuk.] Amiina.

199 (Ogamba ki? Ky'ekyo . . . Naye, nedda, ku ludda luli. Nze n'Ow'oluganda Neville, weewaawo, tugenda kubasabira okutuuka ku asembayo. N'olwekyo, tebasobola kujja nga bayita ludda eno, kubanga awo obeera ogenda, bw'okikola, obeera ogenda ku . . . Musooke mulindeko . . . ? . . .)

200 Kati leka mbeeko ne kye njogera eri abo abalindiridde: *Kino* Kigambo kya Katonda, Oyo Gwe . . . Kye ntambuliddengamu, era kwe nnaafiira, olw'ekisa kya Katonda n'obuyambi bwe. Nga Katonda ye Mulamuzi wange, Amazima ngababuulidde.

Ndabye, wamu n'ebintu bino byonna ebizze bibaawo. N'eby'akennyanja kali akaazuukizibwa emmanga eri, emboozi eyo mwali mugiwuliddeko? Baabo awo abasajja, bombi, abaaliwo we kyabeererawo; nga nnali nnakibagambye eggulo limu nga tekinnabaawo. Kati, nnyinza ntya okubabuulira ebintu bino ebigenda mu maaso? Olaba, lumu ku nnaku zino, njagala mbuulire ku, *Obuteekubiira*. Omuntu asobola okubaako ne ky'akunyumiza n'agenda mu maaso nga bw'akizimbirako bw'atyo, naye bwe watabaawo Kyawandiikibwa kikisemba, kijja kumala kigwe wansi. Okwawula emyoyo kuno, n'okwolesebwa kuno n'ebintu bye mbagambyeko, singa tegabadde Mazima; okusooka kwa byonna, waliwo Bayibuli ey'okubinyweza, n'Omwoyo Omutukuvu ow'okukakasa nti njogedde Mazima.

201 Kati, mmaze emyaka kkumi n'ena nga mbuulira, okuyita ku buli mukolokosi yenna azzenga annenŋŋanga. Abayivu, abakenkufu, n'abalala aba buli ngeri, naye tewabangawo mulundi n'ogumu gwe baali . . .

202 Naye mumanyi bye baayogera? Mwali mubiwuliddeko wano. Bagamba mbu, "Waliwo abantu, ababeera eyo mu kibiina, abagenda nga boogera n'abantu." Okusooka baagamba mbu baali bantu ba mu kkanisa yange, be bajja okusabirwa. Naye ekyo ne kitabakolera, kubanga abaawonyezebwa baali bangi nnyo.

203 Ekyaddako ne bagamba, mbu, "Kirabika babeera baaluganda" abatambula nange, "be bayimirira emabega eri ne bagamba nti, 'Omusajja *ono* alina obuzibu bw'okuwulira, mu matu ge.'"

204 Bwe baava awo ne bagamba nti, "Billy Paul, Billy Paul y'ajja ne—n'asoma ku kaadi, abantu bye babeera boogedde. Bwe babeera n'obuzibu n'amatu gaabwe, n'agamba nti, 'amatu gaabwe' oba 'embuto zaabwe.'"

205 Kati ate kisoboka kitya okwogera ne ku abo abatalina kaadi za baakusabirwa? Kisoboka kitya okulagula ebintu ne bibaawo nga bwe biba biraguddwa? Kisoboka kitya? Tekisoboka. Ekyo omuntu yenna ali mu ntegeera ye entuufu, akimanyi.

206 Ne Yesu ky'ekintu ky'ekimu kye baamwogerako, Firipo bwe yagenda n'ayita Nassanayiri. "Yali mukwano gwa Yesu." Ne wabaawo agamba nti, "Mazima, yasooka kutegeeza Yesu ebimukwatako. Oluvannyuma n'agenda amuyita."

207 Kati awo abayigirizwa abo ne bagamba, manya abayigirizwa okuva mu kkanisa eri ennene ne bagamba mbu, "Omusajja ono Beeruzebuli. Ye Beeruzebuli. Mulaguzi."

208 Yesu n'abagamba nti, "Ekyo nkibasonyiye. Naye lumu Omwoyo Omutukuvu alijja n'akola ekintu ky'ekimu, naye okumwogerako ekigambo kimu ekimuvvoola tekirisonyiyibwa." Kati bwe . . .

209 Mbadde mwesimbu gye muli bantu mmwe, nga ndi mwesimbu ddala nga bwe nsobola. Weewaawo, nnyinza okubaako n'ezimu ku nzikiriza zammwe ez'enjigiriza y'ekinnaddiini ze nkontanye nazo n'ebintu ebirala. Naye, ensonga enkozesa ekyo eri nti, Pawulo yagamba nti, "Ne bw'aba malayika okuva mu Ggulu ssinga ajja n'abuulira ekintu ekirala kyonna ekyawukana n'ekyo Bayibuli ky'egamba," n'ebyo bye yayigiriza, "akolimirwe."

210 N'olw'ekyo, nnina kugoberera ekyo kyokka Bayibuli ky'egamba. Bayibuli bw'eba egamba nti, "Abeera bumu jjo n'emirembe gyonna," ekyo kye nnakkiriza. Ekyo kyokka Bayibuli ky'eyogera, kyennyini kye nzikiriza. Nkyogera nga bwe kiri. Ssaafuna buyigirize bwonna, ssaafuna kutendekebwa kwonna. Nzize mpuliriza Mwoyo Mutukuvu yekka na Bayibuli. Era n'essaawa ya leero, okutuusa ku makya ga Paasika eno, okumala emyaka asatu mu gumu, Tanjiwangako.

211 Era mbabuulira nti Omwoyo Omutukuvu yantegeeza ku buweereza obwo obugenda okujja, okumala ebbanga lya myaka ebiri ku esatu egiyise, era mbadde nkibuulira amakanisa buli wamu. Era Katonda Omuyinza wa byonna nga ye Mulamuzi wange, wano wennyini ku ludda lwa Salem, bukaamuje obwo bwatondebwa ne bubaawo eyo mu kifo awatabeera kaamuje. N'emmanga eri nga tuli ne Charlie, nga ayimiridde erudda, wamu n'abalala bangi emmanga mu Kentucky; bukaamuje obwo bwatondebwa ne bubaawo mu bifo we butaali, bwe nnategeezebwa we bwali obw'okubeera. Tony n'abalala, Banks, nga batudde awo. Ne butondebwa ne bubaawo, ddala nga bwe kyantegeezebwa. Ne tudda erudda eno, era omuntu omulamu gwe kyasooka okukolerako, ye mukazi oyo atudde awo, era kiikyo. Luli ku makya bwe nnali engulu eri, n'okulumizibwa kw'emimiro okwo, nnalaba Yesu nga ayimiridde mu maaso gange, n'Aŋŋamba nti obuweereza bwamala okukakasibwa gyendi.

212 Kati oba kiki ekigenda okubaawo, nange simanyi. Naye, kimu kye mmanyi, nnina okuteeka ku mabbali buli obulala, okusobola okuyingira mu buno. Engeri yokka gye mmanyi ey'okukikolamu. Leka kimanyibwe kaakano, kino leka kyolebwe, nga Yobu bwe yayogedde enkya ya leero, nga kyolebwa n'ekkalamu ey'ekyuma, ku lwazi. Eky'okukola sikimanyi. Kyokka kye mmanyi, kwe kusitula ekigere ne nneeyongera mu maaso. Yaŋŋamba. Era Katonda ye Mulamuzi wange, Yaŋŋamba. Mbabuulidde Amazima. Era bw'aba nga Katonda akikakasizza n'abagamba, nga tewali yadde omulundi ogumu guti omuntu yenna wano gw'ayinza okubaako ekintu kyonna ky'asongako ekyayogerwa ekitaali kituufu, kitegeeza ne kino, kituufu. Ne kino, kituufu.

213 Kati bwe nzira wano eno ne nnyimirira olunyiriri gye lukoma, nnina omukadde, Ow'oluganda Neville awo, omusajja

atya Katonda, omusumba waffe wano, agenda okusiiga abantu amafuta, ŋŋenda kuteeka emikono ku bantu, kubanga, ekiragiro kya Yesu oluvannyuma lwa Paasika, kyali nti, "Mugende muteeke emikono ku balwadde, banaawonanga."

214 Ssimanyi kiki ky'Anambuulira nga bwe mpita mu lunyiriri olwo. Ŋŋenda kugezaako okunoonya okuwulira amafuta ago agasukkulumye. Ssimanyi kiki ekinaabaawo. Ssimanyi. Kyonna kye kiri, ŋŋenda kukola nga bw'Aŋŋamba.

215 Kati jangu, jangu n'omutima omujjuvu. Si nsonga oba Akunenya, oba Takugamba kintu kyonna, ka kibe kiki kyonna ekinaabaawo, ggwe genda nga Omwebaza, olaba. Kubanga, omulimu gwaggwa, mu ngeri emu oba endala kijja kukubaako.

216 Kaakati, ow'oluganda, ggwe alina okulumizibwa okwo mu kugulu, njagala okikkirize. Bw'Aba, nga okuyita ku lukomo lw'essimu, yasobola okuwonya obuzibu obwo obw'olubuto obwali bukutawaanya, Asobolera ddala n'okuggyawo okulumizibwa okwo kw'owulira mu kugulu enkya ya leero, olaba. Kati ggwe kkiriza n'omutima gwo gwonna.

217 N'omukyala alina omwana oyo omuto eyafuna obuzibu ku mutima, toddamu kubuusabuusa. Kkiriza! Kkiriza!

218 Kati njagala buli omu yenna ali mu kkanisa abeere mu kusaba. Nange ŋŋenda kukka wansi nsabe. Mwenna mubeere mu kusaba kaakano, nga bwe mpita mu lunyiriri luno olw'ab'okusabirwa, nga nsaba, nga mbateekako emikono gyange nga bwe mbalangirirako omukisa.

219 Ate, mujjukire nti, bwe waba waliwo omuntu yenna alina ekibi ekiteenenyezeddwa, leka kimanyibwe gy'oli nti Katonda talikuwonya nga olina ekibi ekyo ky'oteenenyezza. Kyenenye, nga tonnajja wano, kubanga kyandikuviirako ate okuba obubi okusinga bw'obadde. Olaba?

220 Kati kuno si kwawula myoyo. Mu kwawula emyoyo, ebintu ebyo mbizuula. Naye, kuno si kwawula myoyo, ndi mu kunoonya buweereza bupya. Mukitegedde bulungi mwenna? Kirungi. Kati mukkirize.

Kaakano leka tusabe nga tukotese emitwe gyaffe.

221 Kitaffe Katonda, ebinkumu by'engalo zange bikyali ku kituuti kino, okumala essaawa n'essaawa, okumala kati kumpi emyaka asatu n'omusobyo, gye mazze nga nnyimiridde wano okubuulira, n'okwetooloola ensi. Era Okakasizza Enjiri gye mbuuliddenga, kubanga Obubaka bwava gy'Oli. Sirina ssomero lyonna lye nnagendamu, sirina muntu yenna gwe nnali nneebuuzizzaako okuggyako Ggwe, nga nsoma Ekigambo Kyo n'okulindirira okulaba kiki Omwoyo ky'anaŋŋamba okukola.

222 Era kaakano, ayi Mukama, Ggwe omanyi ebikwata ku buweereza buno obwa Makko 11:23, era nga mmanyi nti essaawa etuuse, nga mmanyi nti njogedde mazima gennyini ku

bukaamuje obwo, ne ku Mwannyinaffe Hattie ne batabani be. Kaakano, ayi Kitaffe, era nga mmanyi nti okwolesebwa okwo kwanzijira engulu eri bwe nnali mu buliri, amakya ga luli. Ne ndaba Bayibuli eyo, n'omusaalaba, n'oluvannyuma Ggwe. Era ne kimbikkulirwa mu ndowooza yange nti nnina okubukkiriza, kubanga bwamala okukakasibwa.

223 Kaakano, ayi Mukama, ŋŋenda mu maaso enkya ya leero mu kkanisa yange, okuyimirira wano ku makya gano aga Paasika, nga nkusaba Onnyimuse eri ekirabo ekiggya, ekisingawo mu maanyi, ku lw'abantu, ekisingawo mu maanyi. Si ku lwa bulokozi bwange; kubanga, wamala Okundokola, Mukama. Si ku lwange; ebintu ebyo byonna eby'ekitalo mbigaanye, okusobola okukumanya. Nga bwe Waŋŋamba ebweru eri ku yeekaalu eri ennene, olunaku lwa luli nti, "Nze mugabo gwo." Kaakano, ayi Mukama, leka mbeere omugabo Gwo, nsobole okufuna okuganja gy'Oli, Omwoyo Wo asobole okujja munda yange. Bwe nnaateeka emikono gyange ku bantu bano abaagalwa, abalumizibwa, leka Omwoyo Wo, ayi Mukama, akole omulimu ogusigadde. Ky'ekyo kyokka kye mmanyi okukola, Mukama.

224 Nzijukira okutumibwa kwange, nti "wazaalibwa kusabira balwadde, baleetere okukkiriza, era obeere mwesimbu mu kusaba kwo." Mukama, ndi. . . Simanyi bwe nnyinza kubeera mwesimbu kusingako wano. Ndi—ndi. . . Balumizibwa, ayi Mukama. Na—nange, nnali nnumiziddwaako. Bambi, Katonda Omwagalwa, nsaba okkirize bawonyezebwe, buli omu.

225 ŋŋenda mu maaso kaakano, ayi Mukama, olw'okukkiriza, nga Musa bwe yayolekera Ennyanja Emmyufu. Nva ku kituuti kino ekitukuvu, okugenda wansi eri olunyiriri luno olw'ab'okusabirwa, mu Linnya lya Yesu Kristo. Nsaba Katonda Oyo eyampa bukaamuje obwo, Katonda Oyo eyawa Mwannyinaffe Hattie ebigambo ebyo, Katonda Oyo eyansobozesa okubyogera, nsaba Agende nange. ŋŋenda mu Linnya lya Yesu Kristo. [Ow'oluganda Branham ava awali akazindaalo okugenda okusabira abalwadde, ebisinga obungi ku bigambo by'ayogera tebiwulikika bulungi kutegeerekeka—Omuk.]

226 Ssetaani, nkunenya. . . gwe, mu Linnya lya Yesu Kristo, okuva ku mwana. Muveeko, fuluma mu mwana ono; genda, era omwana awonyezebwe.

227 Nteeka emikono gyange ku muganda wange ono, mu Linnya lya Yesu Kristo, era nnenya okunyigirizibwa okuli mu mubiri gwe. Amiina.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, muwe ky'asaba.

228 Mukama, mu Linnya lya Yesu Kristo, wa Mwannyinaffe Ruth okuwonyezebwa kwe. Amiina.

229 Omwana ŋŋenda kumusabira. Naye nzise—nzise wansi okuva ku kituuti ekyo . . . Obeera wa? [Mwannyinaffe addamu nti, "Bloomington."—Omuk.] Bloomington, Indiana? Mpandiikira ebbaluwa ekwata ku mwana ono. Yenna olubuto luzimbye kati. Onakkiriza, nnyabo, nti ateredde? ["Nzikiriza nti ateredde."]

230 Kati, Kitaffe, nteeka emikono gyange ku . . . mwana ono, era nnenya ssetaani ono. Vva ku mwana. Era leka . . . ? . . . Leka kaakano lutereere nga bwe lulina okuba era omwana awonyezebwe.

Mpandiikira ebbaluwa, mu nnaku ntono.

231 Omwana oli omuto ow'amaaso ag'endali agalamidde wali omulaba? Bw'otaddamu kubuusabuusa, omwana *oyo* ojja kumukomyawo wano omutulage nga mulamu bulungi era nga ateredde.

232 Nteeka emikono ku mwannyinaze ono. Era leka abeere n'endowooza y'omukazi oli Omukanani. Era leka awonyezebwe mu Linnya lya Yesu Kristo . . . ? . . .

Leka omutima guwonyezebwe gubeere mulamu bulungi, mu Linnya lya Yesu Kristo.

233 Njogera ebigambo bino. Guteekwa okuwonyezebwa. Tekisobola kuba kintu kirala kyonna. Yesu yagamba nti, "Nsobola, singa okkiriza." Kati, bw'Aba asobola okuleetera ka kaamuje akatabaddeewo ne katondebwawo ne kabaawo *bwe katyo,* nga lumu bwe Yatondawo endiga ennume, Asobola okuleetera omutima ogwo okubeera omulamu obulungi ne gutereera. Gulina okutereera.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, leka omutima guwonyezebwe gubeere mulamu bulungi. Kituwe.

234 Kati, ekyo si kyangu? Kyangu. Katonda mwangu nnyo, ffe tumuyitako buyisi. Kati ggwe beera mwangu nnyo lekera awo n'okukirowoozaako. Kijja kubeera bulungi.

235 Mukama, leka mwannyinaffe abeere bulungi, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina. Mwannyinaffe . . . ? . . .

236 Mukama, kaakano njogedde ebigambo bino, mu bwesimbu ddala nga bwe nsobola okwogera mu maaso g'abantu. Mbagambye nti, "Bw'oyogera eri olusozi luno nti, 'Sigulibwa,' n'otabuusabuusa, ky'oyogedde osobola okukifuna." Mu Linnya lya Yesu Kristo, leka okunyigirizibwa kuno kuggyibwewo, n'emitawaana gyo gyonna gy'olina. Kati tobuusabuusa. Musemberere kumpi kaakati.

237 Mukama, nteeka emikono gyange ku muto ono alumizibwa ennyo omutwe. Mu Linnya lya Yesu Kristo, leka awonyezebwe. Amiina.

238 Mukama, mu Linnya lya Yesu Kristo, leka olusozi olwo lumuveeko, leka awonyezebwe. Leka muganda waffe kaakano awonyezebwe yenna . . . ? . . . Amiina.

239 Kiggala era kasiru; kiggala era tayogera. Mukama, mu Linnya lya Yesu Kristo! Nnyimiride ne mbuulira lunaku ku lunaku, mwaka ku mwaka, sirabangako kukkiriza kwali kukwataganye Naawe, mu bulamu bwange bwonna, ne watabeerawo kituukawo! Kati, amatu ge gaaziba, era alumizibwa mu lubuto. Leka awonyezebwe, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Kati, tobuusabuusa.

240 Mukama, omanyi okulumizibwa kw'alina mu mubiri gwe. Mmuteekako emikono, n'omutima omwesimbu, leka awonyezebwe, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

241 Okufa kugumbye ku mulyango ogumu, n'okukkiriza ku mulyango omulala. Ayi Katonda, yiringisa ejjinja oliggyewo okukkiriza kuwangule. Leka kookolo amuveeko, mu Linnya lya Yesu Kristo.

242 Mukama, leka awonyezebwe. Mmuteekako emikono. Obubaka bukyavuga okuyita mu bisenge. Mu Linnya Lya Yesu Kristo, leka awonyezebwe.

243 Kitaffe Katonda, nteeka emikono ku muganda wange. Leka kikolebwe, ayi Mukama, Omwoyo Wo n'amaanyi, bimuwe okusaba kwe. Leka kibeere bwe kityo, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Kiwedde. Kati tokibuusabuusa.

244 Mukama, okuyaayaana kwa muganda waffe kwambuka mu Kubeerawo Kwo, olw'embeera eno gy'alina. Kaakano, mu Linnya lya Yesu Kristo, leka afune ky'asabira. Amiina.

245 Nga kintu kikulu nnyo! Leka Omwoyo Omutukuvu akke ku mwana ono, olw'ekitiibwa kya Katonda basobole okumuleeta eri . . . ? . . . Ku lw'Obwakabaka bwa Katonda, leka akifune. Amiina.

246 Kitaffe, mu Linnya lya Yesu Kristo, leka kibeere bwe kityo, mwannyinaffe awonyezebwe, aweebwe ne ky'asaba, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

247 Leka kikolebwe. Ojja kufuna Omwoyo Omutukuvu. Tewali ngeri yonna gy'oyinza kuziyizibwamu . . . ? . . . Olina okumufuna! Oteekwa okumufuna, kubanga Katonda bw'atyo bwe yayogera. Munywerereko.

Ggwe botola bubotozi owaguze okuyita mu kasusunku ako. Gamba bugambi . . . ? . . .

248 Kitaffe ow'omu Ggulu, mu Linnya lya Yesu Kristo, mwannyinaffe muwe ky'asaba. Amiina.

249 Kitaffe, mu Linnya lya Yesu Kristo, yanukula okusaba kwa mwannyinaffe omuwe ky'asaba. Leka awonyezebwe. Amiina.

250 Asobola okutondawo ka kaamuje akatabaddeewo, emirundi musanvu mirambirira. Yali asobola okuwa omukyala oyo ekintu kyonna kye yandisabye; naawe Asobola okukuwa . . . ?. . .

251 Mukama, mu Linnya lya Yesu Kristo, yanukula essaala ya mwannyinaffe omuwe ky'asaba. Kigambo Kyo. Weebale. Era leka kimuweebwe, ayi Kitaffe, okuyita mu Yesu Kristo. Amiina.

252 Abaagalwa bo? Kitaffe, mu Linnya lya Yesu Kristo, tukusaba owe . . . ?. . .

253 Mukama, omukazi ono Omuyudaaya . . . Ggwe Katonda wa Ibulayimu. Nkusaba, mu Linnya lya Yesu Kristo, omuwe ky'asaba. Era kimuweebwe!

254 Mu Linnya lya Yesu Kristo, ayi Katonda w'Eggulu, ddamu okusaba kwe. Amiina.

255 Omuwala ono omuto. Bw'obadde ojja ku kituuti awo, Katonda abadde antegeeza byonna ebikwata ku bulamu bwo. Agenda kukuggyako embeera eyo ey'okweraliikirira.

256 Mukama, nnenya okweraliikirira okuli mu muwala ono. Leka kumuveeko essaawa eno atambule okuva wano nga musanyufu nnyo. Bwe kityo bwe kinaabeera, mu Linnya lya Yesu Kristo.

257 Ayi Katonda ow'Eggulu, Ggwe eyazuukiza Omwana Wo, Yesu, mu kuzuukira kwe tujaguza, nsaba omuwala ono ajaguze okuzuukira okwo mu ngeri esingawo ku ya bulijjo . . . ?. . . Mu Linnya Yesu. Amiina.

258 Mu Linnya lya Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, nteeka emikono gyange ku mwannyinaze, nga nsaba awonyezebwe kaakati mu Linnya lya Yesu.

259 Mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, leka mwannyinaffe awonyezebwe. Amiina. Tekisobola kumusigaza. Kirina okugenda. Genda, kino kirina okugenda.

260 Mukama, mu Linnya lya Yesu Kristo, leka mwannyinaffe awonyezebwe. Amiina. Mu Linnya lya Yesu Kristo, mwannyinaze ono, mmuwonya. Amiina.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, mponya mwannyinaze. Amiina.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, mponya mwannyinaze.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, mwannyinaze ono, mmuwonya.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, omukazi ono mmuwa ky'asaba. Amiina.

261 Mukama, mu Linnya lya Yesu Kristo, maama ono mmuwa ky'asaba.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, omukazi ono mmuwa ky'asaba, ayi Mukama.

Mukama, mu Linnya lya Yesu Kristo, omukazi ono mmuwa ky'asaba.

262 Ssetaani, nkugoba. Mu Linnya lya Yesu Kristo, omukazi ono muveemu.

263 Akusibidde ebbanga ddene. Kaakano oli wa ddembe. Ogenda kuba bulungi. Kaakano kigenda kubeera bulungi, kati. Kikkirize kaakano.

264 Ayi Katonda, mu Linnya lya Yesu Kristo, mwannyinaffe ono, omulema, mmuwa okuwonyezebwa kwe. Amiina.

265 Mu Linnya lya Yesu Kristo, mwannyinaffe ono, mmuwa okuwonyezebwa kwe. Amiina.

266 Mu Linnya lya Yesu Kristo, mwannyinaze, nkuwa okuwonyezebwa kwo. Amiina. Leka kibeere bwe kityo!

267 Nneesiga Katonda nti siri mu kukola nsobi. Kituwe kino, olw'okukkiriza. Leka kibeere bwe kityo!

268 Okkiriza nti Katonda akuwa n'amaanyi ag'okukuwonya obulwadde bw'omutima? Emboozi eyo gye nnaakava okunyumya ogikkiriza? N'omutima gwo gwonna? Kati nkuwa okuwonyezebwa kwo. Mu Linnya lya Yesu Kristo, nkuwa okuwonyezebwa kwo.

269 Omukyala oyo eyakaddayo erinnya lye y'ani? Obeera mu kitundu kya wano? [Mwannyinaffe addamu nti, "Weewaawo."—Omuk.] Jjukira kimu kyokka nti owonyezeddwa! Ekyo kituufu ddala nga bwennyimiridde wano.

270 Kitange, mu Linnya lya Yesu Kristo, nkusaba, kino okituwe, okuwonyezebwa kwe. Amiina.

271 Kitaffe, mu Linnya lya Yesu Kristo, leka afune okuwonyezebwa kwe. Amiina!

272 Nna—nna—nnangirira . . . Nku—nku—nku . . . Olw'ekisa kya Katonda, okuyita mu kirabo eky'Obwakatonda, nkuwa okuwonyezebwa kwo! Oyo ssetaani, naawe mugobe.

273 Mwannyinaffe Rose okkiriza? Ayi Mukama, Omutonzi w'eggulu n'ensi, Mwannyinaffe ono Rose Austin muwe okuwonyezebwa kwe, ayi Mukama, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina. Ky'ekyo, Mwannyinaffe Rose, kati genda nga okkiriza.

274 Ayi Mukama, mwannyinaffe muwe okuwonyezebwa kwe, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina . . . ? . . .

275 Ekyo okikkiriza? Okkiriza buli katundu kaakyo konna. Nange nkuwa, ky'osaba, mu Linnya lya Yesu. Katonda agenda kumuwonya.

276 Leka kibe bwe kityo, ayi Mukama, mwannyina awonyezebwe, mu mubiri ne mu mwoyo, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina!

Kano ka kabeere akaseera mw'o . . . ? . . .

277 Mukama, mmuteekako emikono, nga takyasigazza ssuubi lyonna, kuva mu basawo oba mu ddagala erya ssaayansi. Naye

si kuva mu kusisinkana Kristo eyazuukira. Mu Linnya lya Yesu, leka awonyezebwe. Amiina.

. . .?. . .

278 Ayi Mukama, mwannyinaffe muwe, nga bwe mpulirizza obulungi okusaba kwe, nga nnekkaanya buli kigambo ky'ayogedde. Byonna abisaba ku lwa Bwakabaka. Nkusaba Omuwe ky'asaba, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

[Waliwo mwannyinaffe ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.]. . .?. . .

279 Ayi Mukama, nga omuweereza Wo, bwe mpulira maama oyo nga akaaba ku lw'omwana we, nnenya ssetaani eyakola kino.

280 Era okusinziira ku kwatula kw'omukazi ono okw'okukkiriza, ssetaani ono mmugoba. Tojja kulemaza mwana ono. Wonyezebwa mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Ali mu kuwonyezebwa, mwannyinaze. Toba na kubuusabuusa, kwonna. Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Oyo mwana wo? Leka afune Omwoyo Omutukuvu!

281 Omwana baako ne w'omutwala omuwulirize okumala eddakiika entonotono. Nzikiriza omwana oyo waliwo ekintu ekimutuuseeko. Ojja kukifuna. Ekyo okikkiriza?

282 Mu Linnya lya Yesu Kristo tusaba muganda waffe afune okuwonyezebwa kwe.

283 Mukama, leka Amaanyi ga Katonda Ayinza byonna ganenye okulumizibwa kw'omubiri gwe, era gamujjuze n'Omwoyo Omutukuvu. Eno y'essawa era ky'ekiseera. Mu Linnya lya Yesu Kristo, mmumuwa. Amiina.

284 Sukaali agenze. Ofunye Omwoyo Omutukuvu. Omaze bbanga ki nga onyigirizibwa. . .?. . .Obulamu bwo bwonna. Okkiriza nga Kristo anaakuwonya n'akusumulula okuva mu kunyigirizibwa kuno; n'akutereeza?

285 Mwana wo? Ki—kigere kyo. Ozze wekka? Singa mbadde, singa—singa mbadde n'amaanyi ku bwange, olaba! Naye nzikiriza nga Katonda ajja kunnyamba mbeere n'okukkiriza kwakyo. Nja kukola kyonna kye nsobola mu maanyi gange. Onzikiriza? Emboozi ya bukaamuje eyo ogikkiriza? Ogikkiriza? Okkiriza nti kisoboka, nti enkya ya leero, Katonda asobola okuwonya omubiri gwo, n'oddamu n'otambula, n'otambula nga bwe walina okutambula mu kusookera ddala? Waliwo ekintu ekyabaawo bwe wali ozaalibwa, waliwo ekintu ekyataataganyamukko ekintu ekimu n'otasobola kukula bulungi. Kiringa ettabi bwe likula nga lyeweese ku ttabi linnaalyo, ne lirinyigiriza wansi. Naye, singa ettabi eryo liggyibwa ku ttabi linnaalyo liri, nalyo liba lijja kwegolola likule bulungi. Mulaba? Si bwe kiri? Kikolimo. Kikolimo. Ekikolimo ekyo singa kiggyibwawo, ojja kuba bulungi. Olaba?

286 Mukama, muli nneebuuza, watya singa ono abadde mwana wange, watya singa ono abadde muganda wange? Olw'okukkiriza, nzigyawo ekikolimo, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

287 Mukama, mmuteekako emikono gyange era nsaba okuwonyezebwa kwe, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

288 Kitaffe Katonda, mu Linnya lya Yesu Kristo, nteeka emikono gyange ku mukyala ono alumizibwa, olw'okuwonyezebwa kwe. Amiina.

Mwannyinaffe Nash, Katonda yakuwonya kookolo, emyaka egiwerako emabega.

289 Ayi Mukama, Mwannyinaffe Nash muwe ky'asaba. Nga omuweereza Wo, nkisaba. Kijja kukolebwa. Okwo kwe kuddibwamu kwo, Mwannyinaffe Nash.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, mwannyinaffe muwe ky'asaba. Amiina.

290 [Waliwo ow'oluganda ne mwannyinaffe aboogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] Weebale, ow'oluganda, kati ddayo eri abantu bo abaaliyo. Nsaba Katonda akikukolere. Kyali kiseera kirungi nnyo, abantu bo bwe baakuŋŋaana awamu lwe nnaliyo. Waliyo mu Bombay lwe twaliyo? Kale, kati ebintu bino obikkiriza bye . . . by'owulidde?

291 Ayi Mukama, nga bw'addayo eri abantu be emitala w'amayanja, nsaba agende nga ajjudde Amaanyi ga Katonda, nga awonyezeddwa mu buli ky'asaba kyonna. Leka agende era akifune, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

292 Mu Linnya lya Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, leka mwannyinaffe afune ky'asaba.

293 Mukama, mwannyinaffe muwe ky'asaba. Leka ekimutawaanya kikome mu kaseera kano kennyini, olw'okuzuukira okuyita mu Yesu Kristo. Amiina. Mwannyinaffe, kiteekwa okubaawo, kiteekwa buteekwa okubaawo!

294 [Waliwo mwannyinaffe ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] Kino oyagala kiddibwemu mu Njiri? ["Yee."]

295 Ayi Mukama Katonda, nga omuwala ono omuto ayimiridde wano, nga tayimiriddeewo lwa kweyagaliza nga ye. Wabula asabira mwannyina, alina obulwadde obuleetebwa obuwuka mu musaayi gwe. Mmuwa ekyo ky'asaba. Olw'omulimu ogwampeebwa Malayika; n'okwolesebwa kwa Yesu Kristo, kwe nnafuna wiiki ntono eziyise, mu kisenge kyange; omuwala ono mmuwa ky'asaba. Amiina.

296 Kirina okubaawo. Obeera kumpi wano? [Mwannyinaffe addamu nti, "Memphis, Tennessee."—Omuk.] Memphis, Tennessee. Mpandiikira ebbaluwa. Ojja—ojja—ojja kufuna ky'osaba.

297 Ow'oluganda Grimsley. [Ow'oluganda ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda Grimsley.

298 Mukama, tusobola okujjukira ow'oluganda ono gy'avudde, n'ekinnya mwe yaggyibwa. Ayagala kufuna Mwoyo Wo mu bungi ddala, Mukama. Mmumuwa, mu Linnya lya Yesu Kristo. Okusinziira ku mirimu gye egyayita, nga agezezzaako okukugoberera, kaakano, olw'Amaanyi a—ag'omulimu ogwampeebwa Yesu Kristo, ne gukakasibwa Malayika wamu n'okwolesebwa, mpa Ow'oluganda Grimsley okuyaayaana kwe. Mujjuze n'okukkiriza, era abeere n'okutambula okw'okulusegere.

299 Watya singa nkugamba nti, "Genda owonyezebwe, ku lw'Obwakabaka bwa Katonda"? Okkiriza bye njogedde ku bukaamuje obwo ne biri ebirala, era okkiriza nti ago ge mazima? Kati, Ye, Y'ampa eky'okwogera eri "olusozi luno." . . .?. . . Tojja kulwala bulala. Tojja kulwala bulala. Tewajja kuddamu kubaawo ndwadde ndala, mugenda kuba bulungi, mwembi.

300 Okusaba kwe kuno kw'asaba, nkumuwa, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

301 Kitaffe Katonda, mwannyinaffe ono, muwe, ky'asaba, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Kale, mwannyinaze, genda, kikkirize.

302 Kitaffe, omukyala ono nga bw'ayitawo, nkusaba Omuwe ky'asaba, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

303 Mu Linnya lya Yesu Kristo, omukazi ono mmuwa ky'asaba. Amiina. Tokibuusabuusa.

304 [Wabaawo mwannyinaffe ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] Okkiriza nti ogenda kukifuna? ["Yee."] Kati nange nkuwa ky'osaba, okuyita mu Maanyi agampeebwa okuyita mu mulimu gwa Yesu Kristo, ne gakakasibwa . . .?. . . Genda, era—era Katonda ajja kubeera naawe.

305 Ow'oluganda Fred, kiki ekiri ku mutima gwo? [Ow'oluganda Sothmann ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] Ow'oluganda Freddie Sothmann, nnenya obutwa obwo obuli mu mubiri gwo. Leka bukuveemu, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

306 Ow'oluganda Collins. [Ow'oluganda Collins ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.]

307 Ayi Mukama, ow'oluganda ono omwagalwa anoonya okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Mukama, na byonna ebiri munda yange, nnangirira Omukisa guno ku Muganda wange Collins. Mumuwe. Leka Omwoyo Omutukuvu amukkeko, era leka ajjuzibwe Omwoyo Omutukuvu! Amiina.

308 Ow'oluganda Collins, oteekwa okumufuna, Ateekwa buteekwa okujja. Katonda atugezesa bugezesa.

309 Mukama, muwe by'asaba. Leka akuweereze, n'ab'enju ye bakuweereze, n'emitima gyabwe gyonna.

310 Ayi Katonda, mwannyinaffe muwe ky'asaba. Ku lwa byonna by'asabye, leka abifune, okuyita mu Linnya lya Yesu Kristo Mukama waffe. Amiina.

311 Ayi Mukama, ow'oluganda ono muwe amaanyi okuyamba ekkanisa ye. Nsaba gamuweebwe. Amaanyi gano ngamuwa, okuyita mu Yesu Kristo. Amiina.

312 [Waliwo mwannyinaffe ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] Mwannyinaze, ekyo kintu kibi nnyo ky'olina, eky'okweraliikirira. Okkiriza nti kye ŋŋenda okukugamba kituufu? ["Yee, nzikiriza."] Okkiriza nti kati, nti kye—kye nkugambye ge mazima? ["Weewaawo."] Kati nange nkuwa okuwonyezebwa kwo, okuyita mu Linnya lya Yesu Kristo. Mu mazima ddala nga bwe nnyimiridde wano mu kituuti, okweraliikirira kwo kukuvuddeko.

313 [Waliwo ow'oluganda ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] . . . ? . . . Akwetoolodde, wenna.

314 Ayi Mukama Katonda, eri muganda wange ono omwagalwa ali wano, obuziba n'obwesimbu bw'omwoyo gwe bukowoola nga obuziba bwe bukowoola Obuziba. Ayagala Mwoyo Omutukuvu. Assizzaamu omulimu Gwo ekitiibwa, ayi Mukama, mu buli ngeri yonna gy'asobola. Olw'Amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu, leka Omwoyo akke ku muganda wange, ajjuzibwe n'Amaanyi ga Katonda n'ekisa, Omwoyo Omutukuvu. Mwanirize, nga bwe mmuwaayo eri . . .

Genda, Olangirire LUG60-0417M
(Go, Tell)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande ya Paasika ku makya nga 17, Apuli, 1960, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org